Okunnyonnyola Obulamba Bwa Katonda

Weebale, Ow'oluganda Carlson. Era mbalamusizza mwenna ab'oluganda ne bannyinaffe abaweereza Mukama. Lwa kuba . . . Ebiseera ebimu mpulira nga nneeganya okusituka, bwe mba mpuliriza obujulizi obulungi ennyo bwe butyo, n'ebirala bwe bityo, nga bwe mbadde mpuliriza enkya ya leero. N'ekirala, mutuuze munnaffe mu kubonaabona n'okuyigganyizibwa, nga muganda waffe Omubaputisiti ne mwannyinaffe bye bayiseemu; engeri gye nnaliko o—Omubaputisiti, nze kennyini, owa Missionary Baptist, era—era nga mmanyi kye kitegeeza abantu bo bwe . . .

2 Nange ekintu kye kimu ekyantuukako. Abantu bange bennyini banvaamu, ne balowooza n'okungoba mbu kuba nnali ntabuse omutwe. Naye nnakizuula, era nga bwe ntera okukyogera mu ngeri y'okukiina nti, "Bwemba mutabufu wa mutwe, munveeko, kubanga ndi musanyufu nnyo mu mbeera eno okusinga bwe nnali mu ntegeera yange ey'obuntu." Kale eyo ye ndowooza yange kwe nneekutte, eyange ku bwange. Era—era ddala mbadde nnyumirwa e—ekiseera kino nga ndi mu mbeera eno.

3 N'ow'oluganda ono wano ow'Ekkanisa ya Kristo, nga bwe tutera okugiyita, oba Omukampubeelo. Era nzijukira nga baalwanyisa nnyo enkuŋŋaana nga bazivumirira bwe twali twakazitandika. Naye, omanyi, lumu twalinayo omu eyali ayitibwa Pawulo naye eyali bw'atyo, naye n'afuuka omu ku ffe. Kale, ekyo kituufu. Ndowooza kye batera okwekaliriza ennyo bwe bulamu bw'otambuliramu. Omanyi, kisingako n'otambulira mu bulamu bw'obubaka obubuuliddwa okusinga okubumbuulira, akaseera konna. Ndi . . .

4 Edda, omuweereza omututumufu, omulungi eyakkiririzanga mu Njiri enzijuvu, nsuubira, mwenna—mwenna mumanyi, Levulandi Booth-Clibborn, abuulira Enjiri mu nnimi musanvu ez'enjawulo. Mugezi nnyo ekyenkanidde awo. Kati nnali . . . Mu by'amagezi nnaggwano. Kati lumu twali tutambulatambula, ye n'Owoluganda Moore nange, nga waliwo kye twogerako. Nga endowooza yange ku kyo ekontana n'eyiye, n'akyuka n'antunuulira. N'agamba nti, "Ggwe tomanyi bumanya Bayibuli yo." Mumanyi engeri Ow'oluganda Booth gy'ayiynza okukyogeramu.

5 Ne ŋŋamba nti, "Ekyo kituufu, Ow'oluganda Booth, naye Omuwandiisi waayo mmumanyi bulungi." Kale, kale nja—

njagala . . . Omanyi, tekiri nti okumanya Ekigambo Kye mbu bwe Bulamu, wabula, "okumumanya Ye bwe Bulamu." Ky'ekyo. Mukiraba? Ne bwemba nga mmanyi Ekigambo Kye; wabula mba njagala mmumanye Ye! Era ago ge Mazima gennyini.

6 Enkya ya leero, mbadde, nkwatako mu ngalo z'abaweereza bano abalungi, abakolaganira awamu. Kati erudda wano wabadde watuddewo . . . Ssigezaako kufuula muntu yenna wa njawulo. Naye omusajja ono omuddugavu ayingidde, ow'oluganda, n'atuula erudda awo. Ne ŋŋamba omuwandiisi wange nti, "Laba Omukristayo owa nnamaddala."

7 Onzijukiza nnyo Omukadde Smith, eyali ow'enzikiriza ya Church of God in Christ, nga bwe nzijukira. Nnateranga okubayambako okubuulira ewaabwe eyo, era—era na kati nsobola okumulaba. Yali afaananamu n'ow'oluganda ono wano, okuggyako nti ye yalina obulevu obw'envi. Nnayingiriranga mu mulyango ogw'emabega, era ssiryerabira njogera nnamukadde oyo gye yakozesanga; bwe nnasitulanga amaaso, abatukuvu bonna baabanga bayimba, omanyi, era, waabangawo akawala akato, akaatuulanga mu nsonda erudda. Oluyimba lwe nnasinganga okwagala lwali *Mumuyimuse*. Bonna baakubanga mu ngalo, mu ngeri y'Ekipentekoote, nga bwe mumanyi, *Mumuyimuse*. Banjagalanga, era nga nange mbaagala. Era bwe twayingiranga (Yateranga kutuula nga wali, nga omutwe gwe agukoze *bw'ati*, ku mmeeza, nga bw'abatunuulira, omanyi.), n'agamba nti, "Yingira, mukadde. Enkoofiira yo giwummulize wano." Si nti, "Wummulako." "Enkoofiira yo giwummulize wano."

8 Ow'oluganda ono wano; era nnakitegeera, mu biseera ebyo, nti omu ku bayimbi b'ennyimba z'Enjiri abannyimbira obulungi ye mukyala we. Era nnakyogeddeko emirundi gyonna gye nsobola, okumuleetera okujja ayimbe. Kyokka, ye, n'asaba aleme kuyitibwayo, era ekyo mmanyi kye kitegeeza. Naye nja kumuyita ku lwange, bw'aba asobola, ajje ayimbe.

9 Ye abange, si ggwe mwannyinaffe eyayimba—eyayimba oluyimba luli olwa, *Ship Ahoy,* lumu ku makya mu lukuŋŋaana lw'Abasajja Abakristayo Abasuubuzi, kati? [Mwannyinaffe addamu nti, "Weewaawo, ssebo. Weewaawo."—Omuk.] Ka nsuubire nti mukyala wange anaabaawo wiiki eno, njagala akuwulire, kubanga mbadde nkuwaana nnyo. Ate mmwe ssinga musubwa okulukwata ku lutambi, tujja kulabagana. Njagala nnyo okuyimba okwo okulungi.

10 Era, nnateranga okugamba abantu, nnali—nnali ssisobola kuyimba. Ha, bannange, eby'okuyimba nnabiri wala nnyo. Naye nnagamba nti, "Bw'otuukanga mu Ggulu nga obeera mu lubiri lwo olunene, omanyi, waggulu Eyo," ne ŋŋamba nti, "erudda eri wansi w'akasozi, munda eyo mu kibira, walibaayo akayumba ka kyuyi kimu emmanga eyo. Ako ke kaliba akange. Era olumu

ku makya gano bw'oliba otambulatambulamu awo ku kisasi n'owulira omuntu nga ayimiridde erudda eri, nga ayimba nti, 'Ekisa ekyewuunyisa! nga ddoboozi ddungi nnyo, ekyalokola omubi nga nze!' Ogambanga nti, 'Katonda atenderezebwe! Nnamukadde Ow'oluganda Branham naye yamala n'atuuka.'" Nze ndiba mpuliriza erudda eyo, nga bwe ngezaako okuyimba.

11 Eri baganda bange Abakristayo, n'eri . . . nzikiriza waliwo ow'oluganda eyamutwanjulidde, enkya ya leero, nga omuweereza ow'enzikiriza ya Buddha, erudda wano. Nkulamusizza, mukwano gwange omwagalwa. Era nkolaganyeeko nnyo, wewaawo ssi mirundi mingi, n'abakkiririza mu Buddha; okusingira ddala mu Canada, mu Bacayina, era mbazudde okuba abantu abalungi era abajjudde okwagala.

12 Nzijukira omusajja akkiririza mu Buddha okuva mu yekaalu ya Buddha, eyajja mu lukuŋŋaana lw'omu Winnipeg, era yali muzibe. Baali bantu batono ddala, nga bantu balungi, era mu butuufu bakkiriza nti Katonda ye muwonya. Era bwe nnali mmusabira, yali addiŋŋana ebigambo, nga bw'ayagala Katonda, amangu ago amaaso ge ne gazibuka, mu . . . Era kyali kya—kya kyewuunyo ddala. Kale, tu—tusiima buli musajja na buli muntu.

13 Kaakati, mbadde ssifunangako mukisa guno, mu Chicago, okugezaako okwogera . . . Ate, nga ssandigezezzaako kuleeta bubaka bwa ngeri yonna, kubanga abaweereza abali wano balina obusobozi obumalira ddala okukikola okunsinga, okuleeta obubaka. Naye, era ndaba, temuli wano kuwulira bubaka. Wabula nnalowoozezza nti kiyinza okuba ekiseera eky'ekitiibwa ennyo we nsobolera okusisinkana abaweereza b'e Chicago, ab'omu disitulikiti eno wano, nneeyongere okubamanya, era twongere okumanyagana. Era ddala nneebaza Mukama olw'omukisa guno. Kubanga, mbaddenga nzija mu kibuga kino emirundi mingi wano, nga kkanisa emu y'esasulidde enkuŋŋaana, wamu n'obuwagizi bw'ekibiina ky'Abasajja Abakristaayo Abasuubuzi; kale, nga ssirina kakisa kweyabya eri baaluganda mu nkolagana yaabwe nga ekibiina.

14 Ne—ne ndowoozaamu, n'ekirala nti waliwo bingi bulijjo ebigoberera obuweereza nga buno, obuwonvu n'obusozi, amaanyi n'obunafu, ne kituuka n'okuba nti kiba kyangu omuntu yenna obutafuna kifaananyi kituufu. N'olw'ekyo njagala nkozese eddakiika zino entono eziddako ngezeeko okunnyonnyola ne—n'okutangaaza baganda bange, mu ngeri yonna gye mmanyi ey'okukitangaazaamu.

15 Naye mbu—mbulwako nnyo era ssirina busobozi bwa—bwa kuwa kunnyonnyola kulungi oba oli awo kusobola kulabika nga okulimu amakulu eri abasajja abayivu. Ssirina buyigirize, ekyo ssikirina. Wabula nnali . . . njagala Mukama. Era Mukama yampa, oba oli awo, engeri endala ey'okuwangula emmeeme,

okuyita mu kirabo eky'Obwakatonda, kisobole okujjuza omuwaatwa ogw'ekyo bakadde bange kye bataasobola kumpa, eky'okunsomesa. Nnava mu maka amaavu, nga tuli abaana kkumi, nga taata mulwadde, kale ssaafuna kakisa ka kusoma. Kale nno, naye, bwe nnazaalibwa, waliwo ekyabaawo . . . waliwo Katonda bye yakola, mu bulamu bwa mmange ne kitange. Era ebyafaayo byange mwali mubisomyeko. Era, okuyita mu ekyo, ngezaako okugattako oluwalo lwange, wamu nammwe ab'oluganda, okuleeta aboonoonyi eri Kristo. Era kati ndi . . .

16 Ssikkiririza mu biwanuuzibwa. Wabula bulijjo, nga Ekigambo tekinnabikkulwa, njagala nsooke kwogera ne Nnannyinikyo akatonotono. Kale leka tukoteke ku mitwe gyaffe nate okumala akaseera.

17 Kitaffe ow'omuwendo, Ggwe Katonda waffe, era tujja gy'Oli ku lw'Enjiri. Ndi wano mu maaso g'abaana Bo, abasumba Bo, n'ab'oluganda ab'okukkiriza kwe kumu okw'omuwendo. Era nga kisanyusa nnyo omutima gwange okuwulira abasajja bano abategeereddwa mu bukyamu, ne baggalirwa ne mu makomera, olw'ensonga y'Obwakabaka bwa Katonda; okulaba bw'Oyita abaana Bo mu nnaku ez'oluvannyuma.

18 Era tukkiririza ddala, Kitaffe, nti tuli ku nkomerero z'embiro. Nga nnabbi bwe yayogera nti, "Walibaawo Ekitangaala mu kiseera eky'akawungeezi." Era nga tukkiriza leero nti ffe babaka abatwala Ekitangaala ky'Enjiri kino ekikulu, olw'ekisa Kyo, ky'Otukkirizza okutwala mu bitundu eby'ewala eby'ensi, eyo okudda obuggya kuno gye kusaasaanidde.

19 Era nsaba, Kitaffe, nti, Ggwe onanzikiriza okweyabya eri baganda bange, okuviira ddala mu mutima gwange, enkya ya leero, okubannyonnyola ekiruubirirwa n'ekigendererwa ky'obulamu bwange gy'Oli, basobole okutegeera. Tuwe, okusobola okuba n'okwagala okutuukiridde, n'okussa ekimu, n'okukolaganira awamu, mu mirimu gyonna egy'Enjiri. Kubanga tukisabye mu Linnya lya Yesu, Oyo eyasaba nti tubeere bumu, era nga Ye ne Kitaawe bwe baali Omu. Nga tukkiriza kino, nti, "Ku kino abantu bonna kwe banaategeerera nga muli bayigirizwa Bange, bwe mubeera n'okwagala, buli omu eri munne." Amiina.

20 Kaakati nga . . . Nsuubira era nneesize nti ssiibamalire budde baganda bange ne bannyinaze, ku kino. Wabula ndowooza nsaanidde okubeera omwerufu ddala, muleme kuwulira muntu mulala by'ayogedde. Era nkinnyonnyodde, emirundi mingi, mu nkuŋŋaana endala ez'abaweereza, naye guno gwe mulundi gwange ogusoose okwogerako eri ekibinja ky'e Chicago, era njagala ntegeerekeke bulungi ddala, mu ekyo kye ngezaako okukola.

21 Wano mu Njiri ey'edda ey'omukisa, essuula eya 26 ey'Ekitabo ky'Ebikolwa by'Abatume, bwe tusoma wagamba nti:

Kale, kabaka Agulipa, saalema kugondera okwolesebwa okw'omu ggulu:

22 Ono, weewaawo, Pawulo y'ayogera. Nga, era ffenna, nga abaweereza, twagala nnyo okumujulizangako, kubanga ya... Ffenna, mu kukkiriziganya, tukkiriza nti ye yali omutume eri ekkanisa y'Abamawanga, era nti Katonda yamuyita okubeera o—omujulirwa eri Ab'amawanga. Era obuweereza bwe bwali bubuulirizibwako.

23 Era bulijjo, ekintu kyonna ekitali kya bulijjo bwe kitandikawo, kibuulirizibwako. Kiri nti, era ndowooza kituufu ddala okukola; kiba kisaanidde okubuulirizibwako. Era ndowooza nti emirundi egimu abasumba beekengera e—ebintu bye bawulira, era ndowooza balina eddembe okwekengera. Kubanga, bwe mba nga ddala ntegeera amakulu g'ekigambo *musumba,* kitegeeza "omulunzi w'endiga." Kale, n'olwekyo, ye mu—mu—muliisa, oba asumba ekisibo, ky'abasajja n'abakazi abo Omwoyo Omutukuvu be yamukwasa okulabirira. Era wa ddembe okumanya mmere kika ki endiga ze gye zifuna, ne wa gy'eva. Ndowooza alina eddembe okubimanya.

24 Era ssinga omusumba, oba oluusi abantu, ssinga balabika nga abeekengeramukko, ekyo tekisaanye, n'akatono, tekisaanye kweraliikiriza muntu yenna. Kisaanidde kuleeta buleesi kuwa kitiibwa eri omutima gw'omuntu, olw'omusajja oyo ali mu makkati gaabwe, ayimirira, n'akibuulirizaako. Kuba, ndaba era, bw'oba teweekakasa nti oteredde bulungi, oyinza otya okutambula olw'okukkiriza?

25 Bw'okissa mu ndowooza yo...Kati, kino kirabika nga okusoma embeera z'abantu; ate nga oba oli awo kye kyo, era kye kiri, naye si kibi. Naye ssinga okuviira ddala, munda mu mutima gwo, olowooza muli nti ku mmeeza awo tolisitukawo, oyinza obutasitukawo. Okiraba? Oteekwa oku...Kyangu bwe kityo.

26 Oteekwa okukkiriza. Oteekwa okuba n'okukkiriza. Oteekwa okuba n'obwesige. Naye ate oyinza otya okuteeka obwesige mu kintu kyonna ate nga to—tomanyi na kumanya wa gy'olaga? Nnyinza ntya okuvugira ku misinde egya kaasammeeme, ku luguudo lwe ssivugiranganako, nga bwe mmala gaweta amakoona, nga ssimanyi na kumanya kiki kiri mu kkoona eriddako? Oteekwa okuba nga olengera gy'olaga, oba si ekyo tosobola kumanya ngeri ya kutambulamu. Era buli omu bw'atyo bw'asaanidde okuba. Kati awo bw'omala, okiraba, ne kikubikkulirwa, n'otegeera gy'ogenda, awo waba tewali kigenda kukuziyiza.

27 Era ekyo, ndowooza, Pawulo, kye yali agezaako okutegeeza Agulipa wano. Kye, ya—yabagamba nti, "Lumu nnali omu ku mmwe."

28 Era ndowooza, oba oli awo, ssinga—ssinga ow'oluganda ono Omubaputisiti, agenda mu kkanisa y'Ababaputisiti enkya ya leero, ye ne mukyala we, oba oli awo obwo bwe bwandibadde obujulizi bwabwe. "Lumu nna—nnali omu ku mmwe."

29 Oba, ow'enzikiriza y'Ekkanisa ya Kristo, oba ow'o—ow'oluganda ono wano Omukampubeelo, ssinga agenda eri—eri abantu be. Nzikiriza waliwo erinnya erisingako obulungi lye bagiyita; Abayigirizwa ba Kristo, bwe bagiyita, naye nga mu butuufu egoberera njigiriza ya Alexander Campbell. Oluvannyuma ab'enzikiriza y'Ekkanisa ya Kristo ne babavaamu, nga kyava ku bya kuyimba. Ky'ekyo, si kye kyo? Kale ssinga addayo gye bali, yandigambye nti, "Lumu nnali omu ku mmwe."

30 Kati wano Pawulo addayo eri Kabaka Agulipa, ne Fesuto, n'agamba nti, "Lumu nnali omu ku mmwe. Nnali Mufalisaayo mu Bafalisaayo." Yakulira wansi wa Gamalyeri, omuyigiriza ow'ekitalo, era yali amanyi amateeka gaabwe gonna n'ebiragiro, na buli kye bakkirizanga ne kye batakkirizanga. N'agamba nti, "Nze nnayigganyanga n'Ekkanisa ya Katonda okutuusa n'okubatta." Mukiraba? N'agamba nti, "Ekintu kyennyini kye mbuulirizibwako, ate kye kimu kye nnayigganyanga."

31 Era bulijjo mbaddenga ndowooza nti okufa kwa Suteefano kwandiba nga kwe kwalumirizanga Pawulo, bwe yalaba endabika eri ey'ekitiibwa ku maaso ga Suteefano. Bwe yatunula waggulu, nga bamukuba amafunfugu okumutta, n'agamba nti, "Ndaba Yesu nga ayimiridde ku mukono ogwa ddyo ogwa Katonda." Ate omanyi, osobola okutta omubaka, naye toyinza kutta bubaka bwe. Era obubaka, wadde Suteefano yali agenze okuyimirira ne Yesu, naye, obubaka bwe bwasigala bugenda mu maaso, kubanga Pawulo yabeeranga abwogerako, era, nga, bw'ali "asingayo okuba owa wansi" mu bo, nga tasaanidde na kuyitibwa mutume, kubanga yaliwo era—era n'akkiriziganya n'eky'okuggyawo omuntu ono eyali atya Katonda.

32 Kale n'olwekyo, Pawulo, era nga abantu abalala bonna bwe basaanidde okukola mu maaso g'abantu, Pawulo ayogera ku—ku ebyo ebyamutuukako, okuviira ddala emabega, byonna gye byatandikira, okutuuka ku ekyo kye yali; n'abisimba era n'abyesigamya ku Byawandiikibwa, okusobola okulaga nti ekyo kye yali akola kyali mu Byawandiikibwa. Wadde nga kyali kikontana n'ekyo kye baali bakkiriza, naye era yali abalaga nga bwe kyali mu Byawandiikibwa.

33 N'olwekyo, ndowooza tu...Ekintu kyonna, nga bwe ntera okugamba, ab'oluganda, mmwe ababaddenga mu nkuŋŋaana, nti, ssinga nsangibwa nga njogera ebintu ebitali mu Byawandiikibwa, awo ndowooza nti kituufu...oba ow'oluganda omulala yenna, tusaanye buli omu okujja eri munne n'agamba nti, "Ekyo mu Bayibuli tekiriimu," mukiraba.

Bwe kiba nga mwekiri mu Bayibuli, osobola okuba n'entaputa ey'enjawulo; naye, nga, kyo mwekiri mu Byawandiikibwa, tewaba mutawaana.

34 Kaakati, Pawulo yali awa entaputa ye ku ebyo nnabbi bye yali yayogera, ne ku ebyo Musa bye yayogera, ebyali bigenda nga bituukirira. Nga bwe yasisinkana Yesu mu lugendo lwe, mu kwolesebwa. Era Yesu ono n'amuyita.

35 Nga ekyo, tekyandibadde kizibu eri Bayudaaya abo, nga bwe yagamba nti, "Fesuto omulungi ennyo," n'e—n'ebirala, nti kya . . . "kintu kipya nnyo gy'oli, Katonda okuzuukiza abafu?" Okiraba? "Kubanga bw'oba omanyi Katonda kye yali edda, okuyita mu—mu Byawandiikibwa, mazima ddala obeera osaanye okuba nga omanyi nti Asobola okuzuukiza abafu."

36 Era yagamba, yali ababuulidde ku ekyo ekyamutuukako ku lugendo lwe nga agenda e Damasiko, ku byaliwo, nga, abategeeza nti Yesu ono gwe—gwe baali basinziddeko okuleetawo akajagalalo olw'okuba abuulira ku Kyo, nti ye yali Katonda yennyini gwe baalinga baweereza ebbanga eryo lyonna. Kubanga, Ye yali mu ddungu nabo, Ye yabakulembera, nga ye yali Ekitangaala ekyo; Omuliro, Empagi y'Omuliro eyabakulemberanga. Era nga Ye yalabikira Pawulo mu kintu kye kimu, nga kye Kitangaala, ekyamuziba amaaso. Era n'abuuza nti, "Ggwe Ani, Mukama wange?"

37 Era n'Agamba nti, "Nze Yesu, gw'oyigganya. Era kizibu ggwe okusamba ku miwunda."

38 Kale yali agezaako okubannyonnyola ekyo kye kyali, era—era nga agezaako okubayigiriza nti, ekyo kye yali alaga abantu, eky'okugamba, nti, "Yesu Kristo ye Masiya," era nti, "Yafa, era Katonda n'Amuzuukiza." Nti bwe kityo bwe kyali okusinziira ku Byawandiikibwa. Era nga, "Kati bwe yali yazuukira n'alinnya mu Ggulu, eri Katonda Kitaffe," era nti—nti yali mujulirwa wa kuzuukira Kwe. Era, nti, ebyamagero bino, n'obubonero, n'ebyewuunyo, ebyali birabika nga ebipya mu maaso g'abantu, nti tebyali bipya mu maaso g'omukkiriza owa nnamaddala, akkiririza mu Byawandiikibwa, kubanga Bayibuli yali yabyogerako.

39 Tunulako emabega mu bannabbi, engeri gye baalagula, ebiribaawo, mu kujja kwa Masiya, ne biki by'Alikola, "Awo omulema alirigirita nga ennangaazi," mu Isaaya 35 n'Ebyawandiikibwa eby'enjawulo by'ayinza okuba nga yajuliza. Wano tetubirinaawo mu buwandiike, naye oba oli awo ateekwa okuba yaddayo emabega n'abijuliza mu kwogera kwe mu maaso ga bakabaka; kubanga, oba oli awo tebandimugumiikirizza nga bwe muŋŋumiikirizza. N'olw'ekyo, kati ya—yali abinnyonnyola, nga agezaako okubagamba nti Katonda yennyini gwe baali baweereza . . .

40 Nate, era, n'agamba nti, "Mu kkubo lye bayita *ery'okubula*," amakulu nti, "ery'obutabufu bw'omutwe," mulaba. "Ekkubo lye bayita ery'okubula, mu eryo lyennyini mwe nsinziza Katonda gwe musinza." Mulaba, "Mu kkubo lye bayita ery'okubula."

41 Nkakasa nti, leero, ssinga tuyimirira n'amakanisa mwe twava, okugeza nga Abapulesibeteriyani, Abakatuliki, Ababaputisiti, n'amalala ag'enjawulo, twandiwadde obujulizi bwe bumu eri abantu abo abagamba nti baagala, okugeza, okusibira ow'oluganda mu ddwaliro ly'abatabufu b'emitwe, oba ekintu ekyefaananyiriza ku ekyo. "Mu kkubo lye bayita ery'okubula, mu eryo lyennyini mwe nsinziza Katonda wa bajjajjaffe."

42 Era nga bwali bujulizi bukulu nnyo obwali mu maaso ga Agulipa, okutuusa nti mu makkati g'okwogera kwe, Agulipa yaleekaanira waggulu, n'agamba nti, "Pawulo, Sawulo, obula na kummatiza nfuuke Omukristaayo." Mulaba, engeri, gye yalambululamu Ebyawandiikibwa mu ngeri etegeerekeka obulungi, kyokka ate nga kyali kikontana n'ekkuŋŋaaniro lye lyennyini bye lyali likkiriza. Naye Ebyawandiikibwa byali byeraga lwatu ddala, okutuusa lwe yagamba nti, "Obula na kummatiza nange nkufaanane."

43 Pawulo n'agamba nti, "Nnandyagadde, onfaanane, wabula kye ssandyagadde ye ggwe okubeera mu njegere zino ze ndimu," mukiraba, wabula nga ayagala abeere mukkiriza nga ye bwali. Amakulu nti, ssinga . . . "Nsaba Katonda olabe okubikkulirwa nga—nga bwe nkulaba." Amakulu nti, "Nna—nnandyagadde okufune." Mukiraba? "Muli mpulira njagala okufune."

44 Kubanga, Fesuto, nzikiriza, yali amaze okumugamba nti "yali yasoma nnyo ebitabo ekisusse," nti era kati "yali atabuse omutwe." Naye n'amutegeeza nga—nga bw'ataali mutabufu wa mutwe; era nga—nga bwe yali ategeera obulungi kye yali ayogerako.

45 Nange leka njogere kino, enkya ya leero, ab'oluganda. Okutwaliza awamu nange ssinga nsobola . . . Ssitegeeza ku bulamu bwa Pawulo, wabula ngezaako okubaako kye njogerako wano. Kubanga, wano oba oli awo waliwo bangi abanaabuulira enkya ya leero, naye nnayagadde nfune omukisa guno nsobole okwogera kino. Kati muli nnandyagadde buli kkanisa ey'enjawulo, nga bwe nnabawulidde muzimenya emu ku emu, Yeekaalu ya Beseri, Yindipendenti, Assemblies of God, n'endala zonna . . . Muli mpulira nga nnandyagadde mulabe kye ndaba; nnamwe musobole okukiraba. Ssinga musobola okulaba okwolesebwa kwe ndaba, kyandibasobozesezza okwongera okutegeera obulungi, ebikwata ku buweereza.

46 Bwe nnava mu kkanisa y'Ababaputisiti, ne nzija mu bapentekoote; Dokita Roy E. Davis, eyali yanjawula okuba omuweereza mu kkanisa ya Missionary Baptist, yaŋŋamba nti

ekyo nnali nfunye kirooto kya ntiisa, okwolesebwa kwa Mukama bwe kwajja ne—ne kwogera gyendi. Era—era mumanyi embeera eyaliwo ku by'okuwonyezebwa mu kiseera ekyo, kyenkana kwali tekukkiririzibwamu.

47 Era—era tewali kye nnali mmanyi ku Bapentekoote. Nnawuliranga buwulizi mbu kyali kibinja ky'abatukuvu abeevulunga abaagwanga wansi ne bavulula ejjovu nga embwa ezitabuse emitwe, mbu era baalinanga kusooka kubawujjirira okubazza engulu, n'ebirala bwe bityo. Ebyo bye byokka bye nnali mmanyi ku bantu Abapentekoote.

N'aŋŋamba nti, "Olowooza ani anaakuwuliriza?"

48 Ne ŋŋamba nti, "Bwe kiba nti Katonda antumye, kitegeeza waliwo gy'Antuma eri omuntu omu." Ky'ekyo. Mukiraba? "Kubanga," ne ŋŋamba nti, "Dokita Davis," ne ŋŋamba nti, "Yali alabikira ddala; era nnayimirira ne mmutunuulira," bwentyo bwe nnagamba. Ne baŋŋamba nti okwolesebwa okwo kwonna . . .

49 Ab'oluganda, ndi muntu akkiririza ddala, nti—nti ebirabo n'okuyitibwa tebiriiko kusooka kwenenya. Ekyo—ekyo nkikkiriza. Bw'ozaalibwa, tosobola kuba ky'otali. Era buli lw'ogezaako okwefuula ky'otali, obeera ofuuse munnanfuusi. Era nsaba Katonda waakiri nfe naye nga ssifuuse munnanfuusi, olaba. Leka mbeere ekyo kyendi, era ntegeerekeke bulungi nti ekyo kyendi. Era—era, kale, leka—leka mbeere bwentyo, buli omu akimanye n'okukimanya. Mubeera nga mumanyi bulungi.

50 Kale kati, nga bwe mumanyi, eby'okusoma ssaabigenda nnyo kiwanvu, era nga bwe nnagambye. Kale mu . . . mu by'enjigiriza y'eby'eddiini, nze nsembayo mu bonna. Era ndowooza mwenna ekyo mukimanyi, olaba. Ate ku ky'okuba omubuulizi, kyenkana ssisobola na kweyita omu ku babuulizi, olw'obutasoma kiwanvu n'okumanya enkozesa y'ebigambo, n'ebirala. Naye ekyo ekitono kye nninawo, ku . . . okusinziira ku kumanya kwange okw'okutegeera, Mukama waffe Yesu, olw'ekisa Kye, ekyo ngezaako okukigabana ne baganda bange bonna buli wamu, okugabana ku kino.

51 Era, naye, bwe nnava mu kkanisa y'Ababaputisiti . . . ate nga ye kkanisa yokka gye nnali mbaddemu, manya gye nnayawulirwamu mu buweereza. Era nnayawulibwa mu buweereza mu mwaka gwa 1933, mu kkanisa ya Missionary Baptist, Jeffersonville, Indiana. Y'emu ku—ku . . . eri emu ku makanisa ag'omukago gwa Southern Baptist Convention. Kati ffe, mu kiseera kino, nna . . . bwe nnagyawukanako ne . . .

52 Kaakati, ekkanisa y'Ababaputisiti kkanisa eyeetongodde. Ffe—ffenna ekyo tukimanyi, nti ye—ye . . . Osobola okubuulira ku kintu kyonna ky'oba oyagadde, bwe kiba nga ekibiina kyo ky'obuuliriramu kinaakyaniriza ne kikiyimirirako. Bo baa . . . Oli wa ddembe okubuulira kyonna ky'oyagala.

53 Era ekyo nkyagala, olaba, kubanga nzikiriza nti eyo nkola ya kitume. Kubanga, omutwe, nga bwe buyinza obw'oku ntikko mu kkanisa, ye musumba waayo, ekyo tukimanyi nti, ye musumba. Era—era ssinga e—e . . . Ssinga wabaawo omulabirizi omu oba omuntu omulala yenna aba agenda okuwugula omusumba ku kubikkulirwa, olwo Katonda abeera anaakolera atya mu kkanisa ye? Okiraba, obeera tosobola kukufuna. Kale, era nnina . . .

54 Bwe nnabafulumamu, nnasisinkana n'ekibinja ekyasooka, nga mu ekyo mwe mwali okuwonyezebwa kw'omuto Betty Daugherty, mu St. Louis, Missouri. Era ekibinja ekyo kyali kigwa mu Pentecostal United, manyanga yali kkanisa y'Abapentekoote ab'Erinnya lya Yesu, nga ono yali musumba waayo, era kawala ke ke kaawonyezebwa. Mu butuufu, nnalowooza nti ekyo kye kyali kyamufuula omupentekoote, nti kyali kubanga baali beeyita ba, "Yesu Yekka." Era nnalowooza nti ekyo kye kyabafuula abapentekoote, kwe kuba nga ekyo kye baali beeyita, kye kyali kibaawula ku balala. Kale, awo, okuva eyo neeyongerayo ne ŋŋenda . . .

55 Kati waliwo omwami; eyalina olukuŋŋaana olunene mu St. Louis, nga bwe kirabika mu kifaananyi awo. Era twakozesa kizimbe omukuŋŋaanirwa ekiyitibwa Kiel Auditorium; era ekiro ekyasooka, oba ebibiri, abantu omutwalo gumu mu enkumi nnya baakijjuza ne kikubako, ne tutuuka okuba nga tetusobola na ku . . . twalina okuteekawo poliisi buli awaali wayingirirwa wonna, okusobola obutakkiriza bantu balala kweyongera kuyingira munda.

56 Kati olwava eyo, ne nzikirira emmanga ewa Richard T. Reed, ow'ekkuŋŋaaniro eddungi ery'edda erya Bible Hour Tabernacle, e Jonesboro, nga era nalyo lyali lya kibiina kye kimu. Bwe nnava eyo, ne ŋŋenda ewa Dokita G. H. Brown, ow'ekibiina kye kimu, ku ndagiriro ya 505 ku luguudo lwa Victor Street mu Little Rock, Arkansas. Era, olwava eyo, ne ŋŋenda ku Lubalama olw'Ebugwanjuba.

57 Kati ate olwatuuka ku Lubalama olw'Ebugwanjuba, omuliro ne gukoleera. Olwo ne ndyoka nkizuula nti waaliwo enjawukana nnyingi mu bapentekoote, mu bibiina byabwe, era nga naffe Ababaputisit ze tulina. Olaba, baali—baalina enjawukana nnyingi nnyo, ze baalina, zaali za njawulo. Waaliyo aba Assemblies of God, n'aba Church of God, n'ekirala, n'ekirala, n'ekirala, n'e—n'enjawukana. Era baali beeyawulayawulamu, era nga baateekawo ensalosalo. Kati ab'oluganda bali abalala ne batandika okujja gyendi, ne baŋŋamba nti, "Lwaki, ate ggwe owa Yesu Yekka, okolagana n'ekibinja kino wano."

Ne ŋŋamba nti, "Nedda, ekyo—ekyo si kye nneeyita." Mulaba?

N'agamba nti, "Naye ate, okolagana nabo."

58 Ne ŋŋamba nti, "Kale, naye ekyo—ekyo tekinfuula bo." Mulaba? Era ne ŋŋamba nti, "Nki—nki—nkikola . . . Baali baaluganda."

59 N'agamba nti, "Naye ate, bo kkuŋŋaaniro lya . . . Kuba, abo tewali kye bali okuggyako okuba ekibinja ky'ensega n'ebiringa ebyo, batyo, bwe batyo. Wa . . . "

60 Ne ŋŋamba nti, "Kaakati, nkusaba onsonyiweko. Mu bo nsangamu abasajja ddala abatya Katonda. Era basajja ba Katonda." Ne ŋŋamba nti, "Ekyo—eky'okubayita ababi nkikyayira ddala; kubanga, ekyo si kye bali."

61 Kati, nnagezaako okwewala emboozi eyo nga bwe nsobola, nga sseekubira luuyi lwonna. Kati awo, ne ntandika okwekenneenya endowooza zaabwe bwe zaali, n'ebyali bibaawukanya, n'ebyabaviirako okwawukana. Era nnakizuula nga baalimu ebibinja ebikulu bibiri, nga ekimu ku byo, kyali kiyitibwa Yesu Yekka, ate nga ekirala kiyitibwa Assembles of God. Era nga ekyabaggyayo, manya ekyabaawukanya, kyava ku nsonga ya kubatizibwa mu mazzi; abamu nga bakozesa "Kitaffe, Mwana, Mwoyo Mutukuvu," ate nga abalala Erinnya lya "Yesu" lye bakozesa.

62 Kati, ne ntunula, ku njuyi zombi nga kwaliko abasajja ab'amaanyi, abaweereza ba Katonda. Muli ne ndowooza nti, "Ai Katonda, njaayaana okubalaba bonna nga bavuddeyo ne beegatta mu . . . ne tugenda mu maaso ne tuba ne . . . wabula baleme kudda mu bya kukola nsalosalo zaabwe, na kugamba nti, 'Tetujja kukolagana nabo.'" Wabula nnakizuula nti, mu kino, omwoyo omubi gwali gwabayingiramu ne gubaleetamu obukyayi n'enge, okuyita mu nsonga ezaali mu makkati gaabwe. Awo ne ndowooza nti, "Ekyo kyennyini ssetaani ky'ayagalira ddala. Ekyo ky'agalira ddala." Kasita muba nga buli omu emmundu agyolekezza munne, awo ye aba teyeetaaga kubalwanyisa n'akatono. Era ne . . .

63 Kati awo, oluvannyuma, ekiseera ne kituuka eky'okwolekanya obwanga. Era okwolekanya obwanga okwo kwali Seattle, mu Washington, awo nga mu 1946. Era lwali lumu ku makya ne ntuusibwa awatuukira abagenyi mu wooteeri emu, nga wafaananako nga wano, okufuna eky'enkya ne—n'abaweereza abamu. Era nnalina okwogera n'abasajja babiri abaali bakulira ebiwayi byombi.

64 Nga omu ku bo yali Dokita Ness. Nsuubira mmwe ab'oluganda ab'omu Assemblies of God mumujjukira. Yali wa mu ttwaale ly'omu bugwanjuba bw'obukiikakkono; omusajja ow'amaanyi, omugezi ennyo, omuyivu mu by'eddiini. Era ye yali akiikiridde aba Assemblies of God.

65 Ate omulala, Dokita Scism, ow'ekkanisa ya United Pentecostal. Nsuubira mmwe ab'oluganda aba United Pentecostal mumujjukira. Naye yali wa mu matwaale g'omu

bugwanjuba bw'obukiikakkono engulu eyo, nga ye yali agatwala ne disitulikiti z'eyo engulu.

66 Kale nno, abasajja bano ababiri baasisinkana. Bwentyo ne ndeetebwa mu maaso gaabwe, kubanga o—obwogi bw'enjawukana bwali bususse, era bwali bunsala okuva ku buli ludda. Muli ne ndowoozaamu nti, "Kiki kye nteekwa okukola? Nkole ki?"

67 Kaakati, awo, ne bagamba nti, "Kati nno, oteekwa kuba ku ludda lumu oba ku lulala. Bw'oba ow'okugenda ku ludda lw'aba Erinnya lya Yesu, olina kuba wa Linnya lya Yesu. Ate bw'ogenda n'aba Assemblies of God, oteekwa okweyawula ku b'Erinnya lya Yesu, obeere wa Assemblies of God, oba bwe bityo." Nga kituuse mu kifo we nnina okulaga oludda kwe ngwa mu ngeri emu.

68 Nnasaba nnyo kw'olwo ku makya nga ssinnaserengetayo. Ne ŋŋamba nti, "Katonda, nnyamba. Kubanga, waliwo abasajja ab'amaanyi babiri; ate waliwo n'abaweereza nkumi na nkumi. Ate nga Ggwe wantuma eno n'obuweereza.Ate nga bombi baweereza Bo. Kati kiŋŋwanidde okuteeka obuwagizi bwange emabega w'ekibiina ekimu nga ate kirwanyisa kiri ekirala?" Mulaba? "Ssi—ssiwulira nti ekyo kituufu okukola. Ssirowooza nti ekyo Kristo kye yandyagadde nkole." Awo ne ŋŋamba nti, "Katonda, nnyamba ompe eky'okukola, oba baako ne ky'ompa eky'okwogera."

69 Naye nga ssirina n'ekimu. Nnalina kuyimirira buyimirizi awo, Mukama waffe Yesu nange fekka, ku makya ago.

70 Kyaddaaki, okuwakana okw'amaanyi ne kutuuka. "Onaakola ki? Ona—ona—onaakola kusalawo ki?"

71 Ne ŋŋamba nti, "Okusalawo kwange kwawedde dda okukolebwa. Nti, okusalawo kwange, kwa kuyimirira wakati wammwe mwembi, era nga ssijja kwegatta ku kibiina kyonna ku byombi; wabula ŋŋambe, nga mwembi mbawambaatidde n'emikono gyange nti, 'Tuli baaluganda.'" Mulaba? Mulaba, tuli baaluganda. Mulaba? Ne ŋŋamba nti, "Ngezezzaako okusoma ebitabo byonna bye nsobodde, okulondoola kino kwe kyava, kino kye baayita 'ensonga empya,' n'engeri gye beeyawulamu, engeri *kino* gye kyatandikamu *bwekiti* ne kiri *bwekityo*." Era ne ŋŋamba nti, "Mu mpaka eziri wakati wammwe," ne ŋŋamba nti, "ekyo ky'ekintu kye kimu ekyakutulamu omugendo gwa pentekoote, ku lunaku lwa. . .nga olwa Pentekoote lumaze okubaawo. Baatandika okuwakana buli omu ne munne." Era ne ŋŋamba nti, "Ekintu kye kimu ekizze okubaawula nate."

72 Ne ŋŋamba nti, "Kisoboka okuba nga wayinza okubaawo omutabaganya wakati wammwe, ab'oluganda? Waliwo ekintu kyonna eki—ekiyinza okuyimirira?"

73 Weewaawo, tewali n'omu ku bo yali asobola kwasamya kamwa ke ku nsonga eyo, kubanga ekyo kyali kisala nnyo. Mumanyi, emyaka nga kkumi n'etaano, oba abiri egiyise,

bwe kyali, kubanga ekibinja ekimu kyali ky'akeeyawula ku kinnaakyo, era nga waaliwo akakuubagano ak'amaanyi.

74 Kale ne ŋŋamba nti, "Kati, ab'oluganda, kino kye ŋŋenda okukola. ŊŋendaKu . . . Katonda teyantuma kubatiza, ndaba. Yantuma kusabira baana Be abalwadde." Ne ŋŋamba nti, "Kale, ŋŋenda ku—kusabira abaana abalwadde, kati mmwe abaweereza mwekolere ogw'okubatiza," bwe nnagamba.

75 Ne ŋŋamba nti, "Kaakati njagala kubaako kye mbabuuza, musobole okutegeera." Ne ŋŋamba nti, "Ow'oluganda Ness, a . . . abantu bano ab'Erinnya lya Yesu, okkiriza nti babeera bafunye Omwoyo Omutukuvu bwe boogera mu nnimi ne bakola n'ebintu bye bimu mmwe aba Assemblies of God bye mukola?"

N'agamba nti, "Mazima ddala."

76 Ne ŋŋamba nti, "Ow'oluganda Scism, okkiriza nti aba Assemblies of God babeera balina Omwoyo Omutukuvu bwe boogera mu nnimi ne bakola ebintu bye bimu bye mwakola nga mubatiziddwa?"

N'agamba nti, "Mazima ddala, nzikiriza."

77 Ne ŋŋamba nti, "Kaakati, Bayibuli egamba nti, 'Katonda awa Omwoyo Omutukuvu abo abamugondera.' Kaakati, abaamugondera be baliwa? Baani abaamugondera? B'ani ku mwembi abaamugondera? Kubanga mwembi Katonda yabawa Omwoyo Omutukuvu." Mulaba?

78 Ne ŋŋamba nti, "Ow'oluganda Scism, oyinza okugamba, nti Ow'oluganda Ness talina Mwoyo Mutukuvu?"

N'agamba nti, "Nedda."

79 Ne ŋŋamba nti, "Oyinza okugamba nti Ow'oluganda Scism talina Mwoyo Mutukuvu?"

80 "Nedda." Mulaba? Ekyo, bombi baali bakkiriza nti buli omu ku bo yalina Omwoyo Omutukuvu.

81 Naye, mulaba, tekikola makulu, ab'oluganda. Tekikola makulu. Era nnawulira, oluvannyuma lw'ekyo nti . . .

Nja kukomawo ku nsonga gye mbaddeko mu ddakiika emu.

82 Ab'oluganda Abaffinni wano eno, nga mmaze okuva mu Finilandi; eyo Katonda gye yatuwa, kye nnalowooza okuba, olumu ku nkuŋŋaana zaffe ezikyasinze okuba ez'amaanyi. Eyo akalenzi kali, akaali kafudde gye kaazuukizibwa, n'ebirala bingi ebyaliwo. Eyo mu Stockholm, mu Sweden, nnasisinkana Lewi Pethrus ow'ekkanisa ya Filadelfia omusajja wa Katonda ow'amaanyi, n'ekkanisa ya Filadelfia. Ow'oluganda Gordon Lindsay, kati eyali . . . ndowooza. Ssirowooza nti akyali mmemba waayo, naye yali wa mu Assemblies of God.

83 Era Assemblies of God bwe bumu ku buweereza obusinga okusasulira enkuŋŋaana zange, ze nkola mu mawanga gonna ag'ensi. N'eya Foursquare, nga eyo ye yayawukana

ku Assemblies of God, nayo y'emu ku buweereza obusinga okusasulira enkuŋŋaana zange. Eya Oneness nayo, mu mawanga gonna ag'ensi, bwe bumu ku buweereza obusinga okusasulira enkuŋŋaana zange. Olaba? Kale nnayimirira bwentyo, ebbali n'ebbali nga ndese wasongodde, bwentyo ne nnyimirira, nti ssijja kuwagira n'omu ku bo mu kukuubagana okwo. Okutuusa lwe tunaalaba nti tuli baaluganda, ne tujja wamu, awo ffenna tujja ku—tujja kulaba ensonga y'emu eyo, etukuŋŋaanyizza, ekiruubirirwa n'ekigendererwa ky'okukola bwe tutyo.

84 Ate o—oteekwa okugezesa ekiruubirirwa kyo n'ekigendererwa kyo, okusooka. Okusooka, sooka onoonye okumanya kiki Katonda ky'ayagala kikolebwe; oluvannyuma ozuule ekigendererwa kyo; olwo olyoke ogezese ekiruubirirwa kyo olabe oba ekiruubirirwa kyo kituufu. Olwo, nga Yesu bwe yagamba mu Makko 11:24 nti, "Bw'oligamba olusozi luno nti, 'Sigulibwa,' nga tobuusabuusa mu mutima gwo." Naye kasita oba nga olina okubuusabuusa mu mutima, nga teweekakasa oba Katonda ky'ayagala kikolebwe, oba nga ekiruubirirwa kyo oba ekigendererwa kikyamu, lunaasigulwa lutya? Naye bw'otegeera nti ekiruubirirwa kyo kituufu, era nti ky'ekyo Katonda ky'ayagala kikolebwe, nga n'ekigendererwa kyo kituufu, luba luteekwa okusigulibwa. Ky'ekyo kyokka, bwe kitaba kyo awo Katonda aba yakugamba kikyamu.

85 Eyo ye nsonga y'emu lwaki, bwe ŋŋenda ku kituuti, mu makanisa, tewali n'omu yali ampuliddeko nga njogera ku bintu ebyo ku kituuti, ensonga ezo. Mbireka bulesi. Mukiraba, ekyo kiri eri, basajja mmwe. Olaba? Ndi wano kubayamba kuleeta mmeeme eri Kristo, okuyita mu kirabo ky'Obwakatonda, mulaba. Mulaba? Tekikola njawulo yonna . . . Ogw'okubatiza mmwe muba mugwekolera. Naye ate bwe kituuka ku . . .

86 Mu butuufu, mpitiddwa buli kintu. Ssimanyi oba, mpitiddwa ebintu bimeka, okuva ku—kuyitibwa nti "nze mwana wa Katonda mu mubiri" okutuuka wansi ku—kuyitibwa "ssetaani." Ky'ekyo, buli kimu. Naye, mu ebyo byonna, ndi muganda wammwe, mutuuze munnammwe mu Bwakabaka bwa Katonda; nga nkolera wamu nammwe, ku lw'Obwakabaka. Era ekyo ge mazima.

87 Kaakati, bwe kiba tekirina kabi, era nga mulowooza nti tulina obudde obumala, nnandyagadde okubabuulira engeri gye twayogera ku nsonga eyo. Tekirina buzibu, ab'oluganda, okukyogerako okumala akaseera, Ow'oluganda, Ow'oluganda Ness n'abalala? Kale. Kiyinza okuba nga kijja na kubayamba. Kyandibayambye okutegeera, mu ngeri emu.

88 Nnawandiise, wano, ebimu ku bintu bye nzijukira bye baatoolako. Kale kati bambuuza, biki bye nnali nzikiriza ku bikwata ku "busatu obwa tiriniti," oba nnali nzikiriza nti waaliyo "obusatu obwa tiriniti" bwa Katonda?

89 Kaakati, ab'oluganda, bwe tukwata ku kino, ka nsuubire nti, nga kino we kinaggwera, tujja kusigala nga tukyali baaluganda be bamu nga bwe tubadde bulijjo. Mulaba? Wabula mpulira nga nnina ebbanja lyakyo gye muli, kubanga abantu bammwe bajja mu nkuŋŋaana zange, ate nga mu butuufu ssandyagadde wadde omu ku bo, okuzivaamu nga alimbiddwa.

90 Era bulijjo mbadde ŋŋamba abantu abampandiikira ebibuuzo, ebitagwa mu ebyo byemba mbuuliddeko ku kituuti . . . Era omuwandiisi wange wuuno wano, n'abalala. Bwe bambuuza ekibuuzo nti, "Ate *kino*, oba ate *kiri*?"

91 Mbagamba nti, "Buuza omusumba wo, olaba. Kubanga, bw'aba akuluŋŋamiza okutuuka eno yonna, n'otuuka n'okufuna Omwoyo Omutukuvu, ajja kukutuusa gy'ogenda, olaba. Ggwe, laba, buuza omusumba wo." Kubanga, obuntu obutonotono nga obwo buleeta okutabulwatabulwa, n'olwekyo mbwewala, mulaba.

92 Kaakati, era kinjogeddwako nti nnwa—nnwanyisa ebibiina. Kati, ssibirwanyisa. Ndowooza ebibiina birungi nnyo, naye enkola y'ekibiina kyo bw'eyonooneka, eyo gye nnwanyisa. Mulaba? Si nsonga oba ya bwa nnamunigina, oba—oba ya busatu bwa tiriniti, oba kyonna ky'eri, enkola eyo; awo we mubaako we mutuuka, kati ne mu . . . ne mugamba nti, "Ffe tuli ba Assemblies of God."

"Kati ate, bali be b'ani abali ebusukka kkubo?"

93 "O, abo baganda baffe. Abo—abo bayitibwa aba United Pentecostal."

"Kati ate, bali be b'ani erudda wali?"

94 "O, abo be baganda baffe aba Foursquare. O, tuli baaluganda balungi nnyo. Tulina okussa ekimu okulungi ddala, ffe nabo."

"O, ky'ogamba mwenna mukkiriza kye kimu?"

"Ddala, weewaawo, bwe tukkiriza."

"Kati, ate, kiki ekibaleetera okuba bwe muti?"

95 "Omanyi, *bano* ab'oluganda bo babatiza *bwebati*. Ate *bano* bo ne babatiza *bwebati*, nga batunudde ludda eri. Ate *bano* ne babatiza . . . "

96 Kiringa eri mu Maserengeta ga Afirika, ow'oluganda, ekyo twakigwako. Bambuuza. Ekibinja ekimu kibatiza emirundi esatu, nga bakunnyika weevunise. Ate kiri ekirala kibatiza emirundi esatu, nga bakunnyika otunudde waggulu. Ne bagamba . . . ne ŋŋamba nti, "Ebyo mubijja wa?"

97 Omu n'agamba nti, "Bwe Yafa, Bayibuli egamba nti yeewunzikira mu maaso," n'agamba nti, "n'olw'ekyo tulina kubawunzikira mu maaso."

98 Ne ŋŋamba nti, "Kaakati," eri ekibinja kiri ekirala, "kiki ekya . . . Ate mmwe?"

N'agamba nti, "Wali oziise omuntu yenna nga yeevuunise?"

99 Kati, mumanyi? Beeyawulamu ne bakola ebibinja bibiri, ebibiina bibiri. O, twetaaga okusaasirwa, ab'oluganda! Ekyo kyennyini ssetaani ky'ayagala. Ky'ekyo kyennyini ky'ayagala. Yee. Mmwe mwekolemu . . .

100 Kaakati, mulabeeyo, ensonga teri ku Apostolic Faith Mission, yadde—yadde Pentecostal Assemblies, ku ludda luli olulala. Si ky'ekyo. Mu bibinja byombi mulimu abantu abalungi ddala, nga bwe bali na wano. Naye, olaba, enkola y'ekintu ye nsonga.

101 Kiri nga era bw'olaba Omukatuliki, nga bwe ntera okwogera. Bw'aba Mukatuliki, nga Kristo gwe yeesigamyeko okufuna obulokozi, ajja kulokolebwa. Mazima ddala, ky'ekyo. Naye bw'aba yeesigamye ku ekereziya, ajja kubula. Era ne ku mmwe ab'oluganda abapentekoote mukimanyi nti, bwe tuba nga ekkanisa y'Ekipentekoote gye tutunuulidde okutulokola, "awo, mu bantu bonna, ffe banaku abasingayo," ky'ekyo, kubanga tuba tubuze. Ky'ekyo.

102 Naye bwe tuba nga Yesu Kristo gwe tutuulinudde, awo tulokolebwa, "olw'okukkiriza kwo," (nti, kiki?) mulimu ogwaggwa edda okukola. Era buno obuntuntu bwe tukozesa, n'amannya ge tweyita, tebikola njawulo eri awo.

103 Kati, nnagamba Ow'oluganda Scism, o . . . n'Owoluganda Ness nti, "Okwanukula ekibuuzo kyammwe," nnabagamba nti, "kaakati, ssijja kubaako ludda lwe nnondako ku mwembi baganda bange. Era nkimanyi nti, kasita muba nga mwembi mulwanagana, mwembi muba bakyamu. Mukiraba? Kubanga, waakiri mbeera omukyamu mu njigiriza yange, naye ne mbeera n'omutima omulungi, okusinga okubeera n'enjigiriza entuufu, nga ndi wa mutima mubi." Mulaba? Ne ŋŋamba nti, "Kuba ndaba ekikulu, ye mbeera y'omutima gwo."

104 Era eyo nnagifuula nkola yange, okumanya kino: nti, omuntu, ne bw'aba akoze ki, ne bw'aba takkiriziganya nange, oba nga waliwo by'anjogeddeko; ssinga mu mutima gwange, nga si lwa kutuukiriza butuukiriza luwalo, naye bwe mba ssisobola kwagala muntu oyo okuviira ddala ku ntobo y'omutima gwange nga bwe njagala abalala bonna, awo mmanya nti wabaawo ekikyamu munda wano, mulaba. Ky'ekyo, kubanga, ki—ki . . . si nsonga oba a . . .

105 Waliwo ow'oluganda eyajja, ssi dda nnyo, waaluganda ow'omukkanisa ya Church of Christ. Kati, o, n'ayimirira wali, n'agamba nti, "Omusajja ono ssetaani." Mulaba? N'agamba nti, "Ayogera ku Mwoyo Omutukuvu." N'agamba nti, "Teri kintu bwekityo. Bali, kubanga, abatume ekkumi n'ababiri be bokka abaafuna Omwoyo Omutukuvu. Era—era n'okuwonyezebwa kw'Obwakatonda kwaweebwa eri batume ekkumi n'ababiri abo

bokka." N'agenda mu maaso bwatyo, okumala kumpi kitundu kya ssaawa.

106 Ne ŋŋamba nti, "Lindako katono, ow'oluganda. Ndowooza osaanidde okumpa akakisa nnyinyonnyole ku Kino, olaba." Ne ŋŋamba nti, "Ogambye nti mmwe mwogera Bayibuli bw'eyogera, era musirika bw'Esirika."

N'agamba nti, "Bwe tukola."

107 Ne ŋŋamba nti, "Kaakati, ogambye nti abatume ekkumi n'ababiri bokka be baafuna Omwoyo Omutukuvu. Bayibuli egamba nti, 'Waaliwo abantu kikumi mu abiri mu kisenge ekya waggulu Omwoyo Omutukuvu bwe yakka, nga mulimu n'abakazi ne bonna.' Kati ofaayo okumbuulira, olowooza Pawulo teyafuna Mwoyo Mutukuvu? Ate nga yamufuna luvannyuma nnyo nga ekyo kyabaawo dda, olaba. Era ogambye nti, 'Ekirabo ky'okuwonyezebwa kyaweebwa eri batume kkumi n'ababiri bokka.' Ate nga Suteefano bwe yaserengetayo, nga wayiseewo ennaku ntono, ate nga teyali n'omu ku kkumi n'ababiri. Teyali na mubuulizi. Yali mudiikoni, naye yagenda e Samaliya n'agoba emizimu." Awo ne ŋŋamba nti, "Yiiyi, ow'oluganda!" Awo waaliwo akasiriikiriro, weewaawo, nga olina kusirika busirisi.

108 Era bwe byaggwa, "Wabula," ne ŋŋamba nti, "nkusonyiye olw'okumpita ssetaani, kubanga nkimanyi nti ekyo togenderedde kukikola."

109 Kati bwe yamaliriza, n'ajja gyendi. N'agamba nti, "Waliwo ekintu kimu kye nnyinza okwogera. Olina Omwoyo wa Kristo."

110 Ne ŋŋamba nti, "Kaakati, ow'oluganda, kiki ku byombi kyendi, ndi ssetaani oba ndi wa Kristo?" Mulaba? Mulaba?

111 Naye ka mbabuulire, mulabeeyo, kubanga omusajja oyo, yali naye kennyini akiwulira muli nti mmwagala; newankubadde, nga yali takkiriziganya nange, era nga ampakanyiza ddala nga anvumirira n'obukyayi bwonna. Ya . . .

112 Ndi muyizzi, era mbeera nnyo n'ensolo z'omuttale, obulamu bwange bwonna. Era abantu bulijjo babaddenga bagamba nti, "Wakikola otya . . ." Luli we nnattira eddubu liri, n'akaso, mulaba. Nga bambuuza nti, "Tewalitya?"

113 Ne mbagamba nti, "Nedda. Ssinga nnalitya, lyo lye lyandinzise, olaba."

114 Naye, olaba, tosobola—tosobola kuzirimba. Zimanya bw'oba ozitidde, oba tozitidde. Ggwe gezaako otye embalaasi, olabe embalaasi ky'enakola, ejja kukulinnyirira. Mulaba? Kale bw'oba otidde . . . Tosobola kugirimba. Oteekwa okuba nga ddala okirina.

Kati ne Ssetaani bwatyo bw'ali.

115 Bwe kityo bwe kiri ne mu bantu. Abantu oteekwa okuba nga obaagala. Ekyo tosobola kukyerimba. Oteekwa okuba nakyo,

bwe kitaba ekyo omutima gwo bye gusirikidde bijja kweraga lumu, mulaba. Ky'ekyo. Abantu oteekwa okuba nga ddala obaagala, ate era nabo bakimanya nti obaagala. Okiraba, waliwo eky'enjawulo mu kyo.

116 Kati juuzi, omusajja oyo yakubira mukyala wange essimu, ennaku ntono eziyise, n'agamba nti, "Ow'oluganda Branham gyali?"

N'agamba nti, "Nedda."

117 N'agamba nti, "Munnange, waliwo ekintu kimu kye njagala okwogera. Nnawakana naye, mu by'eddiini, naye ŋŋamba nti muweereza wa Kristo."

118 Kale nno, ate bwe nnali ssinnavaayo, yampeereza ebbaluwa, n'aŋŋamba nti, "Nzija eyo, mangu ddala nga okomyewo. Nneetaaga Omwoyo Omutukuvu oyo gw'oyogerako."

119 Kati, mukiraba nti, ssinga wali. . . Ssinga nnalina enneewulira eyo, ey'okugamba nti, "Ndaba, toliimu ka buntu. N'ekibiina ky'eddiini yo nakyo temuli kalungi, era—era bantu mmwe mwenna aba Church of Christ temuliimu kalungi konna. Temuliimu kalungi. Muli—muli masetaani." Omusajja oyo ssandimuwangudde. Era ssinga nnali mmugambye nti mmwagala, naye nga ssikitegeeza mu mutima gwange, yandikitegedde nti mmulimba. Ky'ekyo kyennyini. Oteekwa okuba nga okitegeeza mu mutima gwo.

120 Era ekyo kibaawo bulijjo buli kawungeezi bwe nninnya ku kituuti, wansi w'amafuta g'okumanya ebyama by'omu mitima, olaba. Ssikirowoozaako. Kw'olwo ssirya mmere, okuva ku ky'eggulo; mbeera mu kusaba n'okusiiba, ne nsigala mu kisenge. Kubanga, Ye yansuubiza nti Alikikola. N'olwekyo ŋŋenda nga ssirina kubuusabuusa kwonna, kubanga Ye yasuubiza nti Alikikola. N'olwekyo, mulaba, eki. . . Mmanyi ekigendererwa kyange kye (kiriwa?), ekiruubirirwa kyange kye (kiriwa?), kwe kwongera mu maaso okugaziya Obwakabaka bwa Katonda.

121 Kale nno oba omuntu agenda *eno*, oba *eri*, oba kkanisa ki mw'asabira; kasita aba nga azze eri Kristo, gyendi ekyo si nsonga. Era ekyo kye kiri mu mutima gwange. Mulaba? Era, ne bwe tugenda ne twegatta ku ba Church of Christ, ekyo tekirina kabi. Ekyo kirungi. Bw'aba nga. . . Oba kkanisa ki gye yeegattako, ekyo si kikulu gyendi. Wabula ekikulu kiri nti kasita mba nga emmeeme ye ngiwangudde okugireeta eri Kristo, ekyo kye kikulu.

122 Kale nnagamba nti, "Ow'oluganda Ness, ssigezaako kwawukana bwawukanyi naawe. . . " Kaakati ŋŋenda ku. . . Nsobola okukyeyambisaako *kino,* ow'oluganda? [Ow'oluganda addamu nti, "Ddala."—Omuk.] Nnagamba nti, "Njagala okwogera era nnyinyonnyole." Era, mu kino, nnyinza okukyogera eri mmwe baganda bange wano. Naye, kino temukyogerangako mu bisibo byammwe. Bwe kiba kisoboka,

nga musobola okubaako kye munkolera, mu—mu—muleke mbeere bubeezi muganda wammwe. Mulaba? Era nze, bwemba—bwemba omukyamu, awo nsaba munsonyiwe. Naye njagala mbannyonnyole, engeri gye kiri nti, ebibinja byombi bitudde wano enkya ya leero, eky'aba Oneness n'ekya—n'ekyaba Assemblies, nakyo, nga beebakkiririza mu busatu obwa tiriniti.

123 Kaakati kino njagala nkyogere. Njagala ŋŋambe nti nzikiriza nti enjuyi zombi nkyamu, kasita ziba nga zikyawakana olumu ne lunnaalwo, kubanga ebigendererwa byabwe bikyamu. Era buli lw'oba nga ebigendererwa byo bikyamu, ka kibe kiki ky'ogezaako okutuukiriza, naye kasita kiba nga ebigendererwa byo eri ekiruubirirwa ekyo bikyamu, awo manya nti tekirikola. Ky'ekyo.

124 Kaakati, waliwo abamu abagambye nti, "Ow'oluganda Branham, oli wa ba Yesu Yekka." Njagala kugamba nti eyo nsobi. Ssiri wa ba Yesu Yekka.

125 Ate ne wabaawo agamba nti, "Ow'oluganda Branham, okkiririza mu Busatu obwa tiriniti?" Nedda, ssebo. Ssikkiririza mu Busatu obwa tiriniti. Wabula ndi Mukristayo. Mulaba? Si—si—si . . . N'ekigambo kyennyini tiriniti tekyogerwako mu Bayibuli, ekigambo "tiriniti." Era ssikkiriza nti waliwo Bakatonda basatu abeetongodde.

126 Nzikiriza nti waliwo Katonda omu nga akolera mu wofiisi ssatu: Kitaffe, Mwana, Mwoyo Mutukuvu. Eyo ye nsonga lwaki twatumibwa okugenda tubatize mu Linnya lya Kitaffe, Mwana, Mwoyo Mutukuvu. Nzikiriza nti ekyo ye Katonda nga ye yeetoowaza, n'akka.

127 Kaakati, Katonda, bwe yasooka okulabika eri omuntu, Yali mu ngeri ya Mpagi ya Muliro. Ekyo mukikkiriza, ssi bwe kiri? E . . . Omusomi wa Bayibuli yenna akimanyi nti Empagi y'Omuliro eri eyali mu ddungu ye yali Logos, nga oyo ye yali Malayika ow'Endagaano, era nga ye yali Kristo.

128 Kubanga, Ye yagamba . . . Yali . . . Tekyali . . . Nzikiriza kiri mu njiri y'Omutukuvu Yokaana 6 awo, we Yayogerera nti, "Nga Ibulayimu tannabaawo," nga ayogera ku "NDI." Ye yali "NDI."

129 Kati, oyo yali Katonda, omutukuvu; nga omuntu ssinga akwata bukwasi ku lusozi olwo, ateekwa buteekwa kuttibwa, mulaba. Kale. Kaakati, Katonda oyo y'omu yali agezaako okwekomyawo Ye akolere mu kitonde Kye kye Yali yatonda. Kati, yali tasobola kubasemberera, kubanga baalina ebibi, ate omusaayi gw'embuzi n'endiga tegwaggyangawo kibi. Ekyo tukimanyi. Gwabikkanga bubissi ku kibi.

130 Kaakati, naye Katonda y'omu oyo eyali Empagi y'Omuliro, Ye n'afuuka omuntu, okuyita mu Mwana We, n'abeera mu mubiri ogwayitibwa Mukama waffe Yesu Kristo. Bayibuli egamba nti, "Mu Oyo mwe mutuula obulamba bwa Katonda mu mubiri." Ne Yesu n'agamba mu . . . Kiri, mu Timoseewo Ekisooka 3:16, "Era

awatali kukubagana mpawa, ekyama ky'Obwakatonda kikulu." Kati bwe baba nga bo baakiyita kikulu, kati, ate olwo ffe tunaakola ki, mulaba? "Ekyama kya Katonda kikulu, kubanga Katonda yalabisibwa mu mubiri, n'alabibwa bamalayika, era n'atwalibwa mu Kitiibwa," n'ebirala. Kati, era yayogera ne mu njiri ya Yokaana Omutukuvu 14, eri Tomasi nti, "Bw'olaba ku Nze, nga olabye Kitange. Kati kiki ekikwogeza nti, 'Tulage Kitaffe'?" Bayibuli egamba, nti, "Katonda yali mu Kristo, nga atabaganya ensi okugizza gy'Ali."

131 Kati, Katonda tasobola kuba bantu basatu, ba Katonda basatu. Ne Yesu tasobola kuba Kitaawe ku Bubwe, nga ye yezaala. Mukiraba? N'olw'ekyo, mukiraba nti, ekyo byombi kibifuula ebikyamu ebitayogerekeka.

132 Kaakati, nate ssinga muba mwetegerezza, tewali wantu wonna . . . Bwe tuba ne ba Katonda basatu, tuba bakaafiiri. Kati, ekyo tukimanyi.

133 Kiringa Omuyudaaya bwe yaŋŋamba olumu, bwe nnali njogera naye, n'agamba nti, "Ku bonna Katonda wammwe y'aliwa? Katonda wammwe y'aliwa, ye Kitaffe, ye Mwana, oba ye Mwoyo Omutukuvu? Ku bonna owammwe y'aliwa?"

Ne ŋŋamba nti, "Naye, ba Katonda abasatu tebaliiyo."

134 N'agamba nti, "Katonda tosobola kumutemaatema—kumutemaatemamu bitundu bisatu n'omuwa Omuyudaaya."

Ne ŋŋamba nti, "Nedda, ssebo." Ne ŋŋamba . . .

135 John Rhyn bwe yazibulwa amaaso, eri mu Fort Wayne, omanyi; kati labbi ono engulu eno mu Mishawa- . . . manyanga e Fort . . . Benton Harbour. N'agamba nti, "Katonda tosobola kumutemaatemamu bitundu bisatu n'omuwa Omuyudaaya."

136 Ne ŋŋamba nti, "Ddala nedda. Ssisobola." Ne ŋŋamba nti, "Labbi, kiyinza okukuzibuwalira okukkiriza bannabbi?"

N'agamba nti, "Nedda."

137 Ne ŋŋamba nti, "Mu Isaaya 9:6, ani gwe yali ayogerako nti, 'Omwana atuzaaliddwa, Omwana ow'obulenzi atuweereddwa, anaayitibwanga Ateesa ebigambo, Katonda Ow'amaanyi, Omulangira Ow'emirembe'?"

N'agamba nti, "Oyo yali Masiya."

Ne ŋŋamba nti, "Kati, Labbi, olwo luganda ki oluliba wakati wa Masiya ne Katonda?"

N'agamba nti, "Aliba Katonda."

138 "Ekyo kyennyini kye mbadde ndowooza." Olaba? Kati, mukiraba, ky'ekyo kyennyini. Ekyo ky'Ali. Kati awo ne ŋŋamba nti, "Kati mbuulirayo awantu wonna Yesu w'ataatuukiririza ddala ebyo bannabbi bye baagamba nti bye Yali alina okukola." Awo n'atandika okukaaba nga bw'atambulatambula awo. Ne

ŋŋamba nti, "Kati Ekyo, kye ky'azibula amaaso ga John Rhyn." Mulaba?

N'agamba nti, "Kikafuuwe Katonda okuzaala omwana!"

139 Ne ŋŋamba nti, "Oyo Yakuwa omukulu yasiikiriza omukazi, nga nnabbi bwe yagamba nti ky'Alikola, n'atonda akatoffaali k'Omusaayi. Era okuyita mu katoffaali k'Omusaayi ako mwe mwakolebwa omubiri gwa Kristo.

140 "Labayo, mu Ndagaano Enkadde, Labbi," ne ŋŋamba nti, "omuntu bwe yagendanga okuwaayo ssaddaaka, yatwalanga mwana gwa ndiga. Yakimanyanga nti amenye amateeka ga Katonda, bwatyo nga atwala omwana gw'endiga. Nga ayatula ebibi bye, olwo omwana gw'endiga guno ne guttibwa. Awo nga . . . nga emikono gye agitadde ku mwana gw'endiga; nga ayatula nti akimanyi nti y'abadde ateekwa okufa ku lw'ebibi bye, wabula omwana gw'endiga gwe gufudde mu kifo kye. Era akatoffaali k'omusaayi ne kaabika; nga ye bw'atadde omukono gwe ku mwana gw'endiga guno okutuusa lwe yawuliranga nga obulamu bwagwo buguvaamu, nga esambagala ne yeegolola. Awo kabona, n'alyoka, ayiwa omusaayi ogwo mu—mu muliro, ku kyoto eky'ekikomo eky'okusalirwa omusango."

141 Awo ne ŋŋamba nti, "Omuntu oyo, okuva awo, yafulumangayo, nga akimanyi nti omwana gw'endiga gwali gufudde mu kifo kye, wabula yafulumangayo nga akyalina okuyaayaanira okwonoona kwe kumu kwe yaabanga azze nakwo, olaba, kubanga gwali tegusobola kuggyawo kibi. Mulaba? Naye, ate, ku ludda luno, 'Omusinza bw'amala okuggyibwako ebibi, abeera takyayaayaanira kwonoona nate.' Luli, waabangawo ssaddaaka eyaweebwangayo buli mwaka. Naye," ne ŋŋamba nti, "kati ku mulundi guno waliwo nti, 'omusinza bw'amala okuggyibwako ebibi, abeera takyayaayaanira kwonoona nate.' Kubanga . . .

142 "Labayo, Labbi. Mu kirungo ekimyufu eky'omu musaayi, mwe mutandikira obulamu obwo obutono ddala mu katoffaali, akava mu kitonde ekisajja, ne kadda mu kitonde ekikazi. Ate kyo ekikazi ne kireeta eggi; naye kati, bw'eba nkoko esobola okubiika eggi, naye bw'eba teyasisinkana mpanga, terisobola kwalulwa."

143 Era ne ŋŋamba nti, "Ne Katonda, oyo asinga obukulu eyajjuza ebiseera byonna n'ebbanga lyonna, yetoowaza n'akka n'afuuka akantu akasirikitu akalamu mu nda y'omukazi." Awo ne ndyoka ŋŋamba nti, "Bwe tulokolebwa leero . . . Yesu teyali Muyudaaya ate teyali Munnagwanga, kubanga eggi eryo lyavaamu mubiri gwokka. Omusaayi gwe gwalimu Obulamu. N'olwekyo tu—tuli . . . Bayibuli egamba nti, 'Twalokolebwa na Musaayi gwa Katonda.' Olaba, Ye teyali Muyudaaya ate teyali Munnagwanga; Yali Katonda. N'olwekyo, bwe tujja ku wolutaali ne tussa emikono gyaffe, olw'okukkiriza, ku mutwe Gwe, ne

tuwulira okukulukusa amaziga n'ennyiike ebyali e Kalivaaliyo, ne twatula ebibi byaffe, nti twasobya, era nti Ye yafa mu kifo kyaffe!

144 "Kati awo, olaba," ne ŋŋamba nti, "omusaayi gw'omwana gw'endiga guli gwali tegusobola kukomawo ku kino, omusaayi ogwa . . . Akatoffaali kaayabika, era obulamu obwava, mu kwabya akatoffaali kano ak'omwana gw'endiga, bwali tebusobola kukomawo kukka ku musinza, kubanga obulamu obwakalimu bwali bwa kisolo, nga tebusobola kukwatagana na bulamu bwa muntu.

145 "Naye ku mulundi guno, akatoffaali k'Omusaayi ako bwe kaayabika, teyali muntu buntu. Obwo bwali Bulamu bwa Katonda, bwe bwavaamu. Era omusinza bw'assa emikono gye, ku Mwana wa Katonda, olw'okukkiriza, n'ayatula ebibi bye, tebuba bulamu bwa muntu mulala yenna, wabula Obulamu bwa Katonda bwe bukomawo ne buyingira mu muntu ono, era obwo nga bwe Bulamu Obutaggwaawo. Ekigambo *Zoe*, ekivvuunulwa nti, 'Obulamu bwa Katonda Bwennyini.' Era yagamba nti Alituwa Zoe, Obulamu Obutaggwaawo, era kati tuli baana ba Katonda ab'obulenzi n'ab'obuwala. Kiikyo."

146 Ne ŋŋamba nti, "Kati ekyo kye kiki? Ye Katonda, nga yeetoowaza. Yajja, ogwasooka nga; 'tewali muntu yenna asobola kumukwatako,' kubanga omuntu yali yayonoona. Oluvannyuma n'ajjira mu mubiri, 'asobole okulega ku kibi . . . okuggyawo ekibi.' Olaba, Ye, ekintu kyokka Katonda kye yali alina okukola, okusobola okubeera omwenkanya, kwali kukikola bwatyo."

147 Okugeza, watya ssinga mbadde n'obuyinza obw'enkomeredde ku kibiina kino enkya ya leero, nga obwo Katonda bwe yalina ku lulyo lw'abantu bonna, ne ŋŋamba nti, "Omuntu anaasooka okutunula ku mpagi eyo, ajja kufa," ate Tommy Hicks n'agitunulako? Kaakati, okugeza, ssinga nzirira Carl- . . . "Ow'oluganda Carlson, ggwe mufiirire." Ekyo tekyandibade kya bwenkanya. Ne bwe nnandigambye nti, "Leo, ggwe muwandiisi wange; ggwe oba omufiirira." Ekyo tekyandibadde kya bwenkanya. "Billy Paul, mutabani wange, ggwe oba omufiirira." Ekyo si kya bwenkanya. Engeri yokka gye nnyinza okuba omwenkanya, kwe kumufiirira nze kennyini.

148 Era ekyo kyennyini Katonda kye yakola. Ye, Katonda, Mwoyo. Era yatonda . . . Ye, yakyusa akakookolo Ke. Kiteekwa okuba nga kyewuunyisa, eri abantu, okulowooza bwebatyo ku Yakuwa nga akyali omuto. Yali asobola okujja, nga omusajja omukulu ddala, naye yajja mu mmanvu, ku ntuumu y'obusa. Yakuwa omuto, nga akaaba nga akaana akawere. Yakuwa omuto, nga azannya nga omulenzi. Yakuwa omuto, nga abajja, nga omukozi. Yakuwa omuto, mu myaka egy'ekivubuka. Yakuwa, nga alengejjera wakati w'eggulu n'ensi, nga awanduliddwa ebikolondolwa by'abatamiivu n'amalusu

g'abaserikale mu maaso Ge. Yakuwa, nga afiirira abaana Be. Yakuwa, nga afa, okununula; so si muntu mulala yenna, wabula Katonda Mwene! Mulaba, Katonda, eyo yali wofiisi Ye. Lwaki? Agezaako okuddayo mu mitima gy'abantu.

149 Kati, twali tetusobola kumukwatako, *Luli. Wano,* twamukwatako, n'engalo zaffe. Kaakati kiki kye yakola, okuyita mu kuwaayo ssaddaaka y'omubiri ogwo? Yafuuka Yakuwa ali *mu* ffe. Tuli bitundu ku Ye. Ku Lunaku lwa Pentekoote, Empagi y'Omuliro yeeyabyamu, ennimi z'Omuliro ne zikka ku buli omu, nga ziraga nti Katonda yali yeegabanyaamu mu Kkanisa Ye.

150 Kale nno, ab'oluganda, ssinga tusobola okukuŋŋaana, Ezo ne tuzireeta wamu! Awo tuba ne Yakuwa mu bujjuvu, bwe tukuŋŋaana awamu. Naye tuyinza tutya okukikola, nga *ono* ayogera mu nnimi nga abatiziddwa, *ono* wano; kyokka ate nga *luno* olulimi lw'Omuliro luli wano eno, ne *luno*? Leka tuzireete wamu Zonna.

151 Nga ate Katonda, ku Lunaku lwa Pentekoote, yakka, era Bayibuli n'egamba nti, "Ennimi z'Omuliro zakka ku buli omu ku bo." Era ne. . . "Ennimi, eziri nga Omuliro," ennimi. Yali Mpagi eri ey'Omuliro nga Ye yeeyawulamu Yo yennyini nga yeegabanyaamu, mu bantu, tusobole okufuuka ab'oluganda. "Ku lunaku olwo mulitegeera nti Ndi mu Kitange, Kitange ali mu Nze; Nze mu Nze, nammwe mu Nze." Era, ffe, tuli omu. Tuli omu, tetweyawuddeyawudde.

152 Kaakati, Yakuwa Katonda, waggulu *Wano,* yali tasobola kukwatagana na lulyo lwa bantu, olw'etteeka Lye ku Bubwe ery'obutukuvu; Yakuwa Katonda yafuuka ekibi ku lwaffe, era n'asasula omuwendo; Yakuwa Katonda y'omu oyo alyoke asobole okujja abeere munda *mu* ffe. Katonda nga ali *waggulu* waffe; Katonda nga ali *wamu* naffe; Katonda nga ali *mu* ffe. Si Bakatonda basatu; wabula Katonda omu! Abakenkufu batabuka emitwe, nga bagezaako Ekyo okukifumiitiriza. Ku—kubikkulirwa. Kirina kusooka kukubikkulirwa.

153 Kaakati, kaakati, bwe kituuka ku ky'okubatizibwa, kati, abantu bangi. . . Kaakati, ekyo mulina okukikola, ab'oluganda. Ka tugambe, kiri nga bwe nnagamba Ow'oluganda Scism n'Owoluganda Ness, nti bwe mu. . . E—empaka bwe zaabalukawo. Era yenna, bangi ku mmwe abakugu mu byawandiikibwa abali wano mulina obusobozi obusingira ddala ku bwange; naye ensonga eyo ngisomye ne ngyekenneenyeza ddala. Era nnasoma ekitabo kya *Pre-Nicene Fathers*, eby'*Olukiiko lw'e Nikyeya*, ne bannabyafaayo bonna, n'ebirala.

154 Ensonga eyo yasituka mu Lukiiko lwe Nikyeya. Enjuyi zombi ne zitandikibwawo; ekereziya Katolika bwe yekubiira ku ludda lw'enjigiriza y'obusatu, ate olulala ne lutwala enjigiriza y'obwannamunigina, enjuyi zombi ne zitandika okuva

awo n'okweyongerayo. Ky'ekyo kyennyini, kubanga abantu baakirinamu omukono.

155 Oteekwa okuleka Katonda n'akikola, tekitwetaagisa kugezaako kukitegeera. Leka tubeere baaluganda. Leka tugende bugenzi mu maaso tuleke Katonda akole ekyo ky'agenda okukola. Nga bwe kiri nti Ye taliiko kkomo era amanyi byonna, era nga enkomerero yagimanyirawo okuva ku lubereberye, tuyinza tutya okukola ekintu kyonna ku nsonga eyo? Tugende bugenzi mu maaso. Ekyo kye ky'okukola. Tusigale nga tutambula, nga bwe nnagambye ekiro kya jjo, ne Yoswa waffe omuzira.

156 Kaakati mulabeeyo, bwe kiba nti waliwo Bakatonda basatu . . . Njagala kubalaga bulazi nga kino bwe kiri eky'ekivve. Bwe kiba nti waliwo Bakatonda basatu, kiba kitegeeza nti Yesu ye Mwene Ye Yeezaa- . . . Yesu yali tasobola Kwezaala Ye Mwene, nga ali yekka. Ate, bwe baba nga bali basatu, kitegeeza nti teyazaalibwa mbeerera. Kati bameka . . . ? Ka ŋŋambe nti *ono* ye Katonda Kitaffe; era *ono* ye Katonda Omwana; ate *ono* ye Katonda Mwoyo Mutukuvu.

157 Kaakati, eri mmwe ab'oluganda ab'enjawulo abali wano, mwetegereze kino mu ddakiika emu mulabe kye ngezaako okusongako. Nsaba Katonda abasobozese okukiraba. Kati, mulabeeyo, mwembi mukkiriza ekintu kye kimu, wabula ssetaani abeekiise wakati n'abaawukanya ku kyo. Kintu kye kimu ddala, era ŋŋenda kukibakakasa, nga Katonda annyambye, era nga nkozesa Bayibuli ya Katonda. Bwe kitaba kya mu Bayibuli, temukikkiriza. Ky'ekyo.

158 Naye kati mulabeeyo. *Ono* (kye kiki?) ye Katonda Kitaffe; *ono* ye Katonda Omwana; *ono* ye Katonda Omwoyo Omutukuvu. Kale, kaakati, ka tuyimirizeemu eddakiika nga emu, nga bwe tuteeka ebyo ebisatu awo; Katonda Kitaffe, Omwana, n'Omwoyo Omutukuvu.

159 Ha, si—ssigenda kufuna kiseera kimala kukola kino. Nja . . . [Ab'oluganda bagamba nti, "Genda mu maaso! Genda mu maaso!"—Omuk.] Naye, mulabe, kale, nja kwanguwako nnyo nga bwe nsobola. Munsonyiweko, ab'oluganda, naye ssi—ssi—ssoogerangako gye muli, ate nga kino nja—njagala nkikole.

160 Kati, mulabeeyo; Katonda Kitaffe, Omwana, Omwoyo Omutukuvu. Kati, Ani yali Kitaawe wa Yesu Kristo? Katonda ye yali Kitaawe wa Yesu Kristo. Ffenna ekyo tukikkiriza. Si bwe kiri? [Ekibiina kigamba nti, "Amiina."—Omuk.] Kale.

161 Kaakaati, bwe tutwala Matayo 28:19, awo Yesu we yayogerera nti, "Kale mugende, muyigirize amawanga gonna, nga mubabatiza mu Linnya lya Kitaffe, Omwana, n'Omwoyo Omutukuvu," waayitawo ennaku kkumi, Peetero n'agamba nti, "Mwenenye, mubatizibwe mu Linnya lya Mukama waffe Yesu

Kristo." Awo ddala waliwo okukubagana empawa. Kaakati, leka tuleme . . . waliwo e . . .

162 Buli omu awadde obujulizi, n'ebirala. Kiikino. Bwenti bwe nkikkiriza, era nkiteeka wano mu maaso gammwe, ab'oluganda. Bino ssibyogera bweru mu bituuti; kale kiri gye muli. Wabula njagala mbalage kyendaba ku njuyi zombi, Omwoyo Omutukuvu asobole okukibabikkulira, mulaba.

163 Kaakati, Matayo 28:19, era bwe—bwe kiba nti Matayo 28:19 kikontana n'Ebikolwa by'Abatume 2:38, awo waba waliwo okukubagana empawa mu Bayibuli, era kiba kitegeeza nti Eba tesaanye kwesigibwa n'akatono.

164 Kati ssinga weetegereza mu Matayo essuula ey'e 16, Yesu yawa Peetero okubikkulirwa, era n'amuwa n'ebisumuluzo.

165 Kaakati, mujjukire nti, Bayibuli tebikkulwa kuyita mu kusoma njigiriza ya matendekero ga bya ddiini okw'enkola y'abantu obuntu. Si bw'ebikkulwa. Ebikkulwa na kubikkulirwa.

166 N'okusookera ddala, kwali kubikkulirwa. Lwaki Abeeri yawaayo ssaddaaka eyasanyusa Katonda okusinga eya Kayini? "Kyamubikkulirwa," nti tegaali matugunda, na zi apo, na micungwa, na zi apo. Bwe kiba nti apo zaasobola okuleetera abakazi okutegeera nti bali bwereere, kisingako ne tuddamu okuyisaayisa akabbo ka apo, ow'oluganda. Olowooza si bwe kiri? Kaakati, ekyo, ekyo kiwulikika nga ekivve, naye ekyo si kye ŋŋenderedde okwogera. Naye, tezaali apo. Nedda, ssebo. Kati, ekyo bwe kiba bwe kityo, kitegeeza nti, "Abeeri kyamubikkulirwa," nti ye yali omusaayi gwa kitaawe. Bwatyo yawaayo musaayi, kubanga kwali kubikkulirwa. Ekintu kyonna okwo kwe kizimbiddwa.

167 Kati labayo, ono muvubi ataasoma, nga talina buyigirize bumala . . . Bayibuli egamba nti yali teyasoma era nga talina buyigirize. Wabula yali ayimiridde awo, Yesu we yabuuliza ekibuuzo nti, "Mmwe mugamba nti Nze Omwana w'omuntu ndi ani?"

168 Omu n'agamba nti, "Ate ani, ye Ggwe—Ggwe Mus- . . . " Manyanga, "Ba—bagamba mbu, 'Ggwe Musa.'"

"Bagamba mbu, bampita ani?"

Omu n'agamba nti, "Ate ani, Ggwe Yeremiya oba omu ku bannabbi, na *kino, n'ekyo,* oba *kiri*."

169 N'agamba nti, "Ekyo si kye mbuuzizza. Mbuuzizza *mmwe*. Mmwe mumpita ani?"

170 Awo Peetero ne yeesowolayo, n'agamba nti, "Ggwe Mwana wa Katonda."

171 Awo n'Agamba nti, "Oli wa mukisa, Simooni, mutabani wa Yona." Kati mwekkaanye. "Omubiri n'omusaayi si bye bikubikkulidde kino, wabula Kitange ali mu Ggulu." Mulaba?

172 Kati mwekkaanye, kati, ekereziya Katolika egamba mbu Ekkanisa yagizimba ku Peetero. Ekyo kikyamu.

173 Ekkanisa y'Ekipolotesitante yo egamba mbu, "Yagyezimbako Ye Mwene." Naye kati mwekkaanye mulabe, oba ddala bwe kiri.

174 Yagizimba ku kubikkulirwa okw'omwoyo okw'Ekyo kye Yali, mulaba, kubanga yagamba nti, "Oli wa mukisa, Simooni, mutabani wa Yona. Omubiri n'omusaayi si bye bikubikkulidde kino. Era nkugamba ggwe Simooni; ku lwazi luno" (lwazi ki? okubikkulirwa) "Kwe ndizimba Ekkanisa Yange, n'emiryango gy'emagombe tegirigiyinza."

175 Kati, Peetero bw'aba yaliwo nga Matayo 28 kinokolwa, ate n'akyuka, nga wayiseewo ennaku kkumi, nga alina okubikkulirwa okwo, n'abatiza mu Linnya lya "Mukama waffe Yesu Kristo." Lwaki yakikola? Nga ate ye yalina okubikkulirwa okuva eri Katonda; era nga ye yalina n'ebisumuluzo by'Obwakabaka, ow'oluganda.

176 Kati nnyinza okubalumyamukko okumala eddakiika nga emu, oluuyi olumu ku mmwe, naye leka tusooke tukome awo. Tewali wantu wonna mu Bayibuli omuntu yenna lwe yali abatiziddwa mu Linnya lya "Kitaffe, Omwana, n'Omwoyo Omutukuvu." Tekiriiyo mu Byawandiikibwa. Era bwe kibaayo, mukireete. Era bwe muba musobola okuzuula awantu wonna mu byafaayo ebitukuvu, okutuukira ddala mu kiseera ekereziya Katolika we yatandikirwa, njagala mukireete. Tekiriiyo, kati, era ago ge mazima.

Naye ate kati mulindeeko eddakiika emu, mmwe aba Oneness, mulindeeko katono.

177 Kati, teri wantu wonna we...Omuntu yenna bw'aba asobola okundagayo olunyiriri lumu olw'Ebyawandiikibwa olulaga nti omukolo gw'okubatiza mu Bayibuli gwakolebwa, mu "Kitaffe, Mwana, n'Omwoyo Omutukuvu," ovunaanyizibwa okujja ombuulire wa omuntu yenna we yali abatiziddwa mu ngeri bw'etyo.

178 Ate abamu bagenda ne bagamba mbu, "Kati, nze nja kutwala Yesu kye yagamba, si Peetero kye yagamba." Bwe baba baakubagana empawa, omu ne munne, olwo ffe tugenda kukola tutya? Byombi bwe biba nga si bya Katonda, olwo kitundu ki ekituufu ku Bayibuli yonna?

179 Byonna birina okukwatagana n'okusisinkana, ate nga kuyita mu kubikkulirwa kwa Katonda kwokka. Amatendekero gaffe tegaliyinza kukiyigiriza. Kuba kubikkulirwa, ggwe okukiraba Ekyo.

180 Kati, bwe kiba nga abasajja bano bombi baali bakubagana empawa, buli omu ne munne, olwo Bayibuli kika ki gye tusoma? Mmanya ntya oba Yokaana 14 watuufu, oba nedda? Mmanya

ntya oba Yokaana 3 watuufu, oba nedda? Nnyinza, nnyinza, nnyinza kumanyira ku ki? Mulaba?

181 Kyokka engeri yokka gye nsobola okuba n'okukkiriza mu Katonda, kwe kumanya nti Bayibuli eyo ntuufu, era ne ngikkiriza nti ntuufu, era ne nginywererako. Wadde ssigitegeera, naye era, Gye ntambulirako.

182 Naye ebikontana bino bwe bijja, awo mba ŋŋenda mu maaso ga Katonda, okusobola okuzuula ekituufu. Era Malayika y'omu oyo ansisinkana mu lukuŋŋaana, n'ekiro, y'Omu Oyo eyanjigiriza Kino. Mulaba? Kati mulabe oba kino, nga bwe kiri kati.

183 Kaakati, Matayo 28:19, leka tulabe katono kati. Era kati ŋŋenda kukozesa Ebikolwa by'Abatume 2:38 wano, Peetero we yagambira nti, "Mukama waffe Yesu Kristo." Ate Matayo n'agamba, "Kitaffe, Mwana, Mwoyo Mutukuvu."

184 Kati muwulirize. Yagamba nti, "Mubabatize. . . " Teyagamba nti "mu linnya lya Kitaffe, mu linnya ly'Omwana, mu linnya ly'Omwoyo Omutukuvu." Ekyo si kye yagamba. Tekigamba nti "linnya . . . mu linnya . . . mu linnya."

185 Teyagambako nti, "Mubabatize mu *mannya* ga Kitaffe, Omwana, n'Omwoyo Omutukuvu," kubanga ekyo tekikola na makulu.

186 Yagamba, "Mubabatize mu Linnya (L-i-n-n-y-a) lya Kitaffe, Omwana, n'Omwoyo Omutukuvu." Si ky'ekyo? " . . . lya Kitaffe, Omwana, n'Omwoyo Omutukuvu," akayungiro, "ne, ne, ne."

187 Si *mannya*. Si "mu linnya lya Kitaffe, erinnya ly'Omwana, erinnya ly'Omwoyo Omutukuvu." Si, "mu *mannya* ga Kitaffe, Omwana, n'Omwoyo Omutukuvu." Wabula, "mu Linnya," L-i-n-n-y-a, limu, "lya Kitaffe, Omwana n'Omwoyo Omutukuvu." Kati, ku gonna linnya ki ettuufu okubatirizaamu? Liri Linnya limu. Ettuufu lye liri wa? Erya "Kitaffe" lye linnya ettuufu, oba erya "Omwana" lye linnya ettuufu, oba erya "Omwoyo Omutukuvu" lye linnya ettuufu?

188 Waliwo "Erinnya," awantu awamu. Si bwe kiri? [Ekibiina kigamba nti, "Amiina."—Omuk.] Kale, kati njagala kubaako kye mbabuuza, era. Bwe kiba nga "Erinnya," kati, Yesu bw'aba yagamba nti, "Mubabatize mu Linnya lya Kitaffe, Omwana, n'Omwoyo. . . " Ekyo bameka abakkiriza nti Yesu yakyogera? ["Amiina."] Ekyo kye Kyawandiikibwa. Ye Matayo 28:19, "Mu Linnya lya Kitaffe, Omwana. . . "

189 [Ow'oluganda Branham alaba ekimuwugula—Omuk.] Kye kintu kye tu. . . Nedda, ki, mbadde ndowooza. . . Kale, ssebo. [Waliwo ow'oluganda agamba nti, "Nsonyiwaako katono, Ow'oluganda Branham?"] Weewaawo. ["Njagala kukyusa lutambi luno, kubanga ssaagala nneme kukikwata ku lutambi."] Kale. [Ebbanga jjereere ku lutambi.] . . . ? . . .

190 Kaakati, "mu Linnya lya Kitaffe, Omwana, n'Omwoyo Omutukuvu." Kati muwulirize, ab'oluganda. Teriiyo kintu kyonna kiyitibwa linnya lya "Kitaffe," kubanga *Kitaffe* si linnya. Kitiibwa butiibwa. Teriiyo kintu kiyitibwa linnya lya "Mwana," kubanga *Mwana* kitiibwa butiibwa. Teriiyo kintu kiyitibwa linnya lya "Mwoyo Mutukuvu." Ekyo ky'Ali.

191 Ekyo nnali nkyogera lumu ku makya mu ky'enkya ky'abaweereza, omukazi omu na . . . Nga taweereddwa na lukusa, era nga bw'omanyi, omuntu yenna engeri gy'ayinza okukulya ekimuli, oba ekintu kyonna bwe kityo. N'agamba nti, "Sooka olindeko! Ddamu mpulire!" N'agamba nti, "Omwoyo Omutukuvu linnya."

192 Ne ŋŋamba nti, "Ekyo ky'Ali. Ndi muntu, naye erinnya lyange siyitibwa 'Muntu.'"

193 Gwe Mwoyo Omutukuvu. Eryo si linnya. Wabula ekyo kye Guli. Linnya lya kintu, weewaawo, naye si . . . Si—si . . . Si linnya.

194 Kati, bw'aba yagamba nti, "Mubabatize mu Linnya lya Kitaffe, n'ery'Omwana, n'ery'Omwoyo Omutukuvu," ate nga Kitaffe, Omwana, n'Omwoyo Omutukuvu gonna si mannya, kati olwo Erinnya lye liri wa? Twagala kulizuula.

195 Kaakati, byonna tusobola okubifuna mu kifo kye kimu wano, bwe muba musobola okutunula ne—ne—ne tukozesa ku budde obutonotono kati, manya okutaasa obudde obutonotono, kye mbadde ntegeeza. Kaakati mwekkaanye Matayo 28:19. Kati ate, ssigamba nti . . .

196 Muyinza okuba, nga mwali mukikozeeko, abamu ku mmwe bannyinaffe oba baganda baffe. Oyinza okuba nga wali ofunye ku katabo, lumu, n'otunula emabega ku ddiba lyako, nga wagamba nti, "Awo Yokaana ne Malyamu ne bawangaalira mu ssanyu okuva ku olwo." Naye kati, Yokaana ne Maliyamu be b'ani? Kiki ekyo . . . Yokaana ne Malyamu abo abaawangaalira mu ssanyu be b'ani? Waliwo engeri emu yokka gy'oyinza okumanya Yokaana ne Malyamu be b'ani; era nga eyo, bw'oba otabuddwa, ddayo osome akatabo konna. Si ky'ekyo? Ddayo gye kitandikira okisome okimaleko, kijja kukubuulira Yokaana ne Malyamu be b'ani.

197 Kati, Yesu bw'aba yagamba, Yesu Kristo Omwana wa Katonda, bw'aba yagamba nti, "Kale mugende, muyigirize amawanga gonna, nga mubabatiza okuyingira mu Linnya lya Kitaffe n'Omwana n'Omwoyo Omutukuvu," ate nga ku *Kitaffe, Omwana,* oba *Omwoyo Omutukuvu* tekuli linnya, kati, bwe kiba kitabula, tulina okuddayo emabega Ekitabo gye kitandikira.

198 Kaakati leka tuddeyo mu ssuula 1 eya Matayo, tutandikire awo, etuwa obuzaaliranwa, okutuukira ddala ku lunyiriri olw'e 18.

199 Kaakati mwekkaanye, kati mwekkaanye katono. *Ono* ye Kitaffe, ku ddyo wange; *ono* mu makkati ye Mwana; ate *ono* ye Mwoyo Omutukuvu. Kaakati, *ono* ye Kitaawe wa Yesu Kristo. Si bwe kiri? Katonda ye Kitaawe wa Yesu Kristo. Ekyo ffenna tukikkiriza? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.] Kale.

200 Kaakati Matayo 1:18 wagamba nti:

> *N'okuzaalibwa kwa Yesu Kristo kwali bwe kuti: Bwe . . . Malyamu nnyina bwe yali ng'akyayogerezebwa Yusufu, nga tannaba* ku *. . . tebannaba kufumbiriganwa, n'alabika* ne *olubuto olwa* . . . [Ekibiina kiddamu nti, "*Mwoyo Omutukuvu*."—Omuk.]

201 Mbadde ndowooza nti *Katonda* Ye yali Kitaawe.

> *Era alizaala omwana ow'obulenzi,* . . . balimuyita *erinnya lye YESU:* . . .
>
> Awo *Yusufu bba, kubanga yali muntu mutuukirivu,* . . . *nga* tayagala *kumukwasa nsonyi,* naye *yali alowooza okumulekayo kyama.*
>
> Naye bwe, *yali alowooza bw'atyo, laba, malayika wa Mukama n'ajja gy'ali mu kirooto, n'amugamba nti, Yusufu, omwana wa Dawudi, totya kutwala Malyamu mukazi wo: kubanga olubuto lwe lwa* . . . [Ekibiina kiddamu nti, "*Mwoyo Omutkuvu*."—Omuk.]

202 Mbadde ndowooza nti Katonda ye Yali Kitaawe. Kaakati, alina ba kitaabe babiri, baganda bange? ["Nedda."] Tasobola kuba nga alina babiri. Ssinga be yalina, yandibadde mwana mweboolereze, ye ate olwo twandibadde na nzikiriza kika ki eyo? Oteekwa okukkiriza nti Katonda Kitaffe n'Omwoyo Omutukuvu gwe Mwoyo gwe gumu gwennyini. Mazima Ddala, gwe Gwo. Mazima ddala, Gwe Mwoyo gwe gumu. Kaakati, ekyo tumaze, okukiraba.

> *Naye alizaala omwana wa bulenzi, naye* aliyitibwa *erinnya lye YESU: kubanga ye ye alirokola abantu be mu* kibi kye.
>
> . . . *bino* byonna *byakolebwa, bituukirire* . . .

203 Nnokola Byawandiikibwa. Mmwe abaweereza mukimanyi, nga bwe ŋŋenda mu maaso.

> . . . *bituukirire* . . . bye yayogera mu nnabbi, Mukama bye yayogera, *ng'agamba nti,*
>
> . . . *omuwala atamanyi musajja aliba* olubuto, *era . . . alizaala* omwana, *era balimutuuma erinnya lye Emmanweri, nga* lye livvuunulwa nti,. . . [Ekibiina kiddamu nti, "*Katonda ali naffe*."—Omuk.]

204 "Katonda ali naffe!" Bwe kiri?

205 Kati olwo Erinnya lya Kitaffe, Omwana, n'Omwoyo Omutukuvu lye liriwa? [Ow'oluganda agamba nti, "Yesu

Kristo."—Omuk.] Ky'ekyo, mazima ddala. Eyo ye nsonga lwaki Peetero yababatiza mu Linnya lya "Yesu Kristo."

206 Wabula, ssifaayo, oba wabatizibwa mu linnya lya Kimuli kya Roza ekya Saloni, Ddanga ery'omu Kiwonvu, Emmunyeenye Ey'enkya, ebyo nabyo, bitiibwa. Omutima gwo bwe guba nga mutereevu eri Katonda, Ye amanyi omutima gwo.

207 Naye kaakati, kati, ekyo nnakyogera. Kaakati, kati ne ŋŋamba . . . Awo Ow'oluganda Scism n'agamba nti, "Kati nno!" Mu buli ngeri, ddala, ekyo kyawulikika nga eky'enzikiriza ya Oneness, bwatyo ekyo yali akkiriziganya nakyo.

208 Awo ne ŋŋamba nti, "Kati wano waliwo kye njagala okugamba." Mulaba? Ne ŋŋamba nti, "Kaakati njagala mbakakase nti bano, abasajja bano bombi, boogedde ekintu kye kimu."

209 Kaakati, Matayo yagamba nti, "Mu Linnya lya Kitaffe." Si ky'ekyo? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.] Kale. Ate Peetero n'agamba nti, "Mu Linnya lya Mukama waffe." Matayo 28:19 wagambye, "Mu Linnya lya Kitaffe," ate Bikolwa by'Abatume 2:38 ne wagamba, "Mu Linnya lya Mukama waffe." Dawudi yagamba nti, "MUKAMA yagamba Mukama wange." Yali ani Oyo? Kitaffe ne Mukama waffe liri Erinnya lye limu. Dawudi yagamba nti, "MUKAMA yagamba Mukama wange nti, 'Tuula ku mukono Gwange ogwa ddyo.'" Mukiraba, "Mu Linnya lya Kitaffe; mu Linnya lya Mukama waffe."

210 Era Matayo yagamba nti, "Mu Linnya ly'Omwana," ate Peetero n'agamba nti, "Mu Linnya lya Yesu." Omwana ye ani? Yesu.

211 "Mu Linnya ly'Omwoyo Omutukuvu," oyo yali Matayo; ate Peetero n'agamba nti, "Mu Linnya lya Kristo," ye Logos.

212 *Kitaffe, Omwana, Omwoyo Omutukuvu,* "Mukama waffe Yesu Kristo." Ddala, kituukiridde bulungi nnyo ddala nga bwe kirina okuba. Mulaba?

213 Ow'oluganda Scism n'aŋŋamba, manya, Ow'oluganda Scism, ow'oluganda owa Oneness, n'agamba nti, "Ow'oluganda Branham, ekyo kituufu, naye," n'agamba, "ekyo kye *kino*."

214 Ne ŋŋamba nti, "Ekitegeeza nti, kino kye *ekyo*." Ky'ekyo kyennyini. Mulaba? Ne ŋŋamba nti, "Bwe kiba nga *ekyo* kye *kino*, kitegeeza *kino* kye *ekyo*. Kati muwakana ki?"

215 Ne ŋŋamba nti, "Muleke mbeeko ne kye mbabuulira, baganda bange. Buli lwe mba ŋŋenda okubatiza omuntu, eno ye ngeri . . . "

216 Ne ŋŋamba nti, "Kaakati, Dokita Ness wuuno wano." Era mwa . . . waliwo eyagambye, eddako katono, ku mmwe ab'oluganda nti, amanyi Dokita Ness.

217 Kale, ka ŋŋambe, wano, Ow'oluganda Hicks wano, alina . . . ndowooza olina Ddiguli y'Obwaddokita. Bwe kiri? Kale.

218 Kati ŋŋambye nti, "Ssinga Dokita Ness, ono atudde wano . . . " Kati ŋŋambye nti, "Ssinga mbadde njagala . . . " Kati, bwe ntwala omuntu mu mazzi, okumubatiza, nange nkyatula nga naye bw'akikola, kuba nnagambye nti, "Ebyo bye bitiibwa ebigendera ku Linnya Lye."

219 Ne ŋŋamba nti, "Kaakati, ab'oluganda aba Assembly bakozesa bitiibwa, ate ab'oluganda aba Oneness bakozesa Linnya." Ne ŋŋamba, "Kati ŋŋenda kubakakasa, nti mwembi muli bakyamu, era nze mutuufu." Mumanyi nga bw'obeera olina oku . . . Bw'oteeka abantu mu kattu bw'otyo, oteekwa okusaagamukko olw'olumu, n'okomyawo embeera mu nteeko. Bwentyo ne ŋŋamba nti, "Ŋŋenda kubakakasa nti mwembi muli bakyamu, era nze mutuufu."

220 Ne nŋŋamba nti, "Kati watya ssinga mba njagadde okuyita Ow'oluganda Ness, nnandigambye . . . "

221 Manya, manya Ow'oluganda Hicks wano, olaba. Ne mmala gagamba nti, "Hicks!" Kati, ekyo kyandiwulikise bulungi? Nedda. Kati ate, watya ssinga mmuyita nti, "Dokita! Kiki kati, Dokita! Kipya ki?" Kati, ekyo kiwulikika nga ekitaliimu kuwa kitiibwa, si bwe kiri?

222 "Ate nga," ne ŋŋamba nti, "bwe mutyo mmwe aba Assemblies bwe mukola, mulaba. Mmwe ab'oluganda aba Assemblies bwe mugamba nti, 'Mu Linnya lya Kitaffe, n'ery'Omwana, Omwoyo Omutukuvu,' muba mugamba bugambi nti, 'mu linnya lya levulandi, dokita.'"

223 Ne ŋŋamba nti, "Kaakati ate, mmwe ab'oluganda aba Oneness, bwe muba mubatiza, mugamba, 'Yesu!'" Tebakozesa . . .

224 Bali, aba Yesu Yekka, bakozesa bukozesa linnya "Yesu." Waliwo Bayesu bangi. Naye ono, Ye Mukama waffe Yesu Kristo, mulaba. Waliwo bangi . . . Ababatiza mu linnya lya "Yesu," ekyo ssikyengoberera; tekiriiko Byawandiikibwa. Ggwe tunuulira ekyasooka, olabe oba tekiri "Mukama waffe Yesu Kristo." Ddala ddala, Ye Mukama waffe Yesu Kristo. Waliwo Bayesu bangi, ddala. Naye *Kristo* ye oyo "Eyafukibwaako amafuta."

225 Ne ŋŋamba nti, "Kati, kubamu akafaananyi ssinga mbadde njagala kuyita Ow'oluganda Ness ekintu kye kimu. Ne ŋŋamba, kyandiwulikise bulungi nze okumuyita nti, 'Owaaye ggwe, Ness!'?" Ne ŋŋamba nti, "Bwe mutyo mmwe aba Oneness bwe mwandikyogedde. Mulaba? Ekyo tekyandiwulikise nga ekitaliimu kussaamu kitiibwa eri musajja oyo eyasoma, alina ne Ddiguli y'obwa Ddokita? Olw'amaanyi amangi ge yateeka mu kukisomerera, erinnya lye lisaanidde okwongerwako ekitiibwa ky'ekyo kye yasomerera."

226 Ne ŋŋamba nti, "Watya ate ssinga mmuyita nti, 'Owaaye ggwe, Dokita!'" Ne ŋŋamba nti, "Ekyo tekyandiwulikise bulala, omuweereza okuyita munne bwatyo?" Era, ne ŋŋamba nti, "Kati bwe mutyo bwe mukikola, bwe mukozesa ekitiibwa kyokka."

227 Ne ŋŋamba nti, "Naye bwe ntwala omuntu mu mazzi, ŋŋenda ne mmubuuza, ne twogera, ne nfuna erinnya lye n'ekyo kyali, n'ekyo kyakkiriza.

228 "Olwo ne nsaba, ne ŋŋamba nti, 'Kati, Kitaffe, nga Ggwe bwe watutuma "tugende mu nsi yonna tufuule amawanga gonna abayigirizwa,. . ."'" Mmwe ab'oluganda mukimanyi nti bwe kityo bwe kyakolebwanga mu kusooka, mulaba. "'"'. . .tufuule amawanga gonna abayigirizwa, nga tubabatiza mu Linnya lya Kitaffe, n'ery'Omwana, n'ery'Omwoyo Omutukuvu; nga tubayigiriza okukolanga byonna Ggwe bye. . .ebintu byonna Ggwe bye watuyigiriza."'"

229 "Awo ne ŋŋamba nti, 'Okusinziira ku kwatula kwo nti okukkiriza; okusinziira ku kwatula kwo okw'ebibi byo, n'okukkiriza kwo kw'olina mu Mwana wa Katonda, nkubatiza, muganda wange omwagalwa, mu Linnya lya Mukama waffe Yesu Kristo.'"

230 Ne ŋŋamba nti, "Nze bwentyo bwe mbatiza. Awo mba njatudde ebitiibwa Bye, ekyo ky'Ali, byonna Kitaffe, Mwana, ne Mwoyo Mutukuvu. Era ensonga lwaki Yesu yayogera bwatyo, yali. . ."

231 Kati labayo. Ekyo—ekyo bwe kitaba bwe kityo, awo oba weekuba endobo mu Kyawandiikibwa kyo; oba weekuba endobo. Kati kiki ky'onaakola bw'onoo. . .Watya ssinga muganda wange ono ow'enzikiriza ya Buddha asituka n'agamba nti, "Ate *kino*?" Bandigambye ki ku luli bwe baŋŋamba. . .

232 Erudda eri, ow'oluganda oli Omuyindi bwe yasoomooza Morris Reidehad, n'amugamba nti, "Ate Makko 16?" Yalina okwekuba endobo.

233 Teweetaaga kwekuba ndobo. Ekyo Kigambo kya Katonda. Kinyweerereko. Saba busabi. Funa okubikkulirwa. Kyonna kikwatagana.

234 Mukiraba, byombi byogera ekintu kye kimu, kati; si bitiibwa byokka; ate si kyereere okutali bitiibwa. Ne ŋŋamba nti, "Kati. . ."

235 Mba njatudde ebitiibwa Bye. Ye Kitaffe; so si Katonda mulala. Ye Mwana; so si Katonda mulala. Ye Katonda y'omu! Ggwe. . .Ziri wofiisi ssatu. Katonda mu kiseera eky'obwa Kitaffe, bw'oba oyagala kukiyita bw'otyo, eky'obwa Kitaffe; obw'Omwana; era ye Katonda y'omu ali mu ffe kati, "Nze nnaabeeranga nammwe." Eyo "Nze," nga ye nnakasigirwa y'omuntu omu nti, "Nze nnaabeeranga nammwe." Kale, mulaba nti, wofiisi ze ziri essatu, so si Bakatonda basatu.

Kati, muganda wange, bwe kiba nga abayigirizwa tebaabikozesaako, n'abaddako okweyongerayo . . .

236 Ssirina kibi kye nkyogerako. Tekirina kabi. Nkubuulira, ssinga omuntu ajja wano, nga yabatizibwa mu linnya lya "kimuli kya Roza ekya Saloni, Ddanga ly'omu Kiwonvu, ne Mmunyeenye Ey'enkya," kyokka nga yakkiriza Yesu Kristo okubeera Omulokozi we, nnandimugambye nti, "Katonda akuwe omukisa, ow'oluganda! Jangu, tugende!" Mulaba? Ky'ekyo. Kubanga, omutima gwo bwe guba si mutereevu, ggwe wenna toba mutereevu, mu buli ngeri. Ago ge mazima gennyini. Kale o—omutima gwo gulina okuba nga mutereevu.

237 Ne ŋŋamba nti, "Kati, mulabeeyo. Kati, ssinga mbeera wa kulamusa Ow'oluganda Ness ono wano, nnandimuyise 'Levulandi Dokita Ness.' Ky'ekyo kyennyini. Kubanga muweereza. Asaanidde okuyitibwa levulandi. Yasoma, ate yasomera ddala. Alina Ddiguli y'obwa Dokita, kale asaanidde okuyitibwa 'dokita.' Ekyo kye kitiibwa kye, mulaba. Ate erya 'Ness,' lyo linnya lye. Kati, mba ssiyinza kugamba nti, 'Owaaye ggwe, Ness! Owaaye ggwe, Dokita!' Nedda, ekyo tekiba kituufu. Mba nnina kugamba nti, 'Levulandi Dokita Ness.'

238 "Mukiraba, ekyo kye mba njatula, mulaba, ebyo by'Ali; byonna Kitaffe, Mwana, ne Mwoyo Mutukuvu, 'Mukama waffe Yesu Kristo.'" Mulaba?

239 Kati ne ŋŋamba nti, "Bwe mba ow'okubatiza omuntu yenna mu kkanisa zammwe, nja kumubatiza bwentyo." Ne ŋŋamba nti, "Omuntu oyo onaamusembeza, Ow'oluganda Ness?"

240 N'agamba nti, "Mazima ddala. Kubanga abeera abatiziddwa mu Linnya lya Kitaffe, Omwana, n'Omwoyo Omutukuvu."

Ne ŋŋamba nti, "Omuntu oyo onaamusembeza, Ow'oluganda Scism?"

N'agamba nti, "Mazima ddala, kubanga abeera abatiziddwa mu Linnya lya Yesu."

241 Ne ndyoka mbuuza nti, "Kati mutawaana ki ogubaliko, ab'oluganda? Lwaki temukikkiriza, ne mumenyawo ebisenge bino abantu bano bambi mwe ba . . . ? Aba Oneness baagala, bambi, abantu nga bo, baagala okukuŋŋaana basinzize wamu n'aba Assemblies. N'aba Assemblies, abantu nga bo, baagala bakuŋŋaane basinzize wamu n'aba Oneness. Era ab'oluganda bwe batyo bwe bali. Bwe batyo bwe bali. Naye kasita ssetaani asobola okubaleetera okulwanagana . . . "

242 Kaakati mulaba kye ntegeeza, ab'oluganda? Nduubirira ekintu kimu ekyo, Yesu Kristo, n'okwegatta kw'Omubiri gwa Yesu Kristo. Ekyo kye kiruubirirwa kyange.

243 Kaakati, soogera bintu bya, "Owaaye ggwe, tewabatizibwa mu Linnya lya Yesu; kale ogenda mu ggeyeena." Kaakati, ebyo temuli nsa.

244 Ka mbabuulireko ekyaliwo jjuuzi. Nnali mmanga mu Texas. Nga ssinnasimbula . . . Era abo—ab'oluganda wano bajulirwa ku kino. Ekkanisa y'aba Oneness, ekkanisa nsanvu mu bbiri, ze zaasasulira olukuŋŋaana lwange. Kati nnagenda ne ntuuza Ow'oluganda Petty, ow'oluganda okuva mu Assembly of God, ku kituuti ekiro ekyo. Kati, mumanyi ago ge mazima. Waaluganda mulungi nnyo, Ow'oluganda Petty, ku mmwe bwe kubaako amumanyi, aviira Beaumont, Texas. Ye omu ku basajja abasinga obulungi be nnali nsisinkanye. Mukyala we yakyuka kuva mu Bukatuliki, mukyala omutukuvu ddala. Omusajja oyo musajja wa Katonda yennyini.

245 Mbuuliraayo omusajja asinga Roy Wead obulungi, owa Assemblies of God. Yogera ku omu ku basajja bano, laba eno, ab'oluganda bano bonna be mmanyi wano. Ow'oluganda ava mu kkanisa ya Philadelphia, n'abasajja ba Assemblies of God, ddala bantu ki abasinga abantu abo obulungi? Bambuulire. Mbuuliraayo omusajja asinga Jack Moore obulungi? Mmumbuulire. Y'omu ku kye bayita . . . Bagwa mu ttuluba eryo. Ssi mukakali. Ku njuyi zombi kuliko abakakali; era ku ekyo abantu kwe basonga ennwe, ne ssetaani naye kw'asonga olunwe.

246 Naye nga ate bonna basajja ba Katonda. Katonda yabawa Omwoyo Omutukuvu. Ssinga tekyali kisa kya Katonda, ffenna twandibadde twaggwaawo, n'empaka zaffe n'ebirala. Ago ge mazima gennyini. Naye ekisa kya Katonda kitukuumira wamu. Ky'ova olaba nga tusobola okuyimba nti, "Kya mukisa ekisiba ekyo ekisiba awamu Emitima gyaffe mu kwagala okw'Ekikristayo." Kati nno, ekyo kye twetaaga.

247 Kati mumanyi ekyabaawo? Omulabirizi Omukulu ow'e—w'ekkanisa, yampita, n'agamba nti, "Omanyi kye wakoze ekiro ekyayise?" Kyali kiro kyange eky'okubiri mu kifo ekyo.

Ne ŋŋamba nti, "Kiki?" Ne ŋŋamba nti, "Twabadde n'olukuŋŋaana olulungi."

N'agamba nti, "Watuuzizza omusajja omwonoonyi ku kituuti kyo."

Ne ŋŋamba nti, "Nnabadde ssikimanyi." Yabadde wa . . .

N'agamba nti, "Oli Mw. Petty."

248 "Yiiyi," ne ŋŋamba nti, "mwonoonyi? Kiki?" Ne ŋŋamba nti, "Oyo mubuulizi mu Assembly of God, ow'oluganda."

249 N'agamba nti, "Weewaawo, naye era akyali mwonoonyi, kubanga tabatizibwanga mu ngeri ntuufu."

250 Ne ŋŋamba nti, "Ow'oluganda, nsaba ombuulire lwaki." Ne ŋŋamba nti, "Yafuna Omwoyo Omutukuvu."

251 N'agamba nti, "Ow'oluganda Branham, Peetero yagamba atya? 'Mwenenye, era mubatizibwe mu Linnya lya Yesu Kristo olw'okuggyibwako ebibi byammwe.' N'olwekyo ebibi byo

tebisobola kukuggyibwako okutuusa nga omaze okubatizibwa mu Linnya lya Yesu."

Ne ŋŋamba nti, "Eyo ye nkola, muganda wange?"

N'agamba nti, "Eyo ye nkola."

252 Ne ŋŋamba nti, "Kitegeeza nti awo Katonda yeekuba Yekka endobo, mu Bikolwa by'Abatume 10:49, kubanga, 'Peetero bwe yali nga akyayogera ebigambo bino, Omwoyo Omutukuvu n'akka ku abo abaawulira Ekigambo,' mulaba, ate nga baali tebabatizibwanga, n'akatono. Kati awo, Katonda yawa Omwoyo Omutukuvu abantu abaali batannaba na kukyuka?" Ne ŋŋamba nti, "Kati ggwe mu nsi ogwa wa?"

253 N'agamba nti, "Kati omanyi kye tugenda okukola?" N'agamba nti, "Tugenda kukuba enkulungo enfunda, era ggwe tugenda kukuggalira ebweru w'enkulungo eyo."

254 "Nze," ne ŋŋamba nti, "nange nja kukuba enkulungo endala, mwenna mbazingiremu." Ne ŋŋamba nti, "Temusobola kunzigalira bweru, kubanga mbaagala. Olaba, ekyo temusobola kukikola." Ne ŋŋamba nti, "Baganda bammwe bangi nnyo—nnyo abali eyo abanjagala era abanzikiririzaamu." Ne ŋŋamba nti, "Ggwe, nja—nja. . . Bajja kujja, mu buli ngeri." Ne ŋŋamba nti, "Bajja kujja. Ate mwe temusobola kunzigalira bweru. Bwe munzigalira ebweru, nze nja kuddamu mbayingize munda." Ne ŋŋamba nti, "Bwe munaakola enkulungo emu, Katonda, olw'ekisa Kye ajja kunnyamba nkube enkulungo endala mbasike mbakomyewo munda." Ky'ekyo, mbasike mbazze munda.

255 Era, ow'oluganda, ha, mu Linnya lya Kristo ka njogere kino. Nni—nnina. . . Nkimanyi nti ntwala obudde wano; ate nga ndowooza, kumpi obudde obw'okumaliriza bunaatera okutuuka, naye muleke njogere kino, mulaba.

256 Kati nnagamba omusajja oyo, ne ŋŋamba nti, "Nja kutambula naawe kasita osigala nga obuulira Ebyawandiikibwa, nga olina okwagala, era nga okkiriza nti—nti. . . nga obuulira era nga ogamba nti obatiza abantu. . . naye nga si mu linnya lya 'Yesu,' Yesu lyokka. Nedda, ssebo. E—ekyo ssisobola kuyimirira nakyo, kubanga waliwo Bayesu abawerako be mmanyi; mbamanyi mu Afirika ne mu bitundu ebirala, abantu abaatuumibwa erinnya Yesu. Naye bw'oba onaakozesa enjatula ya 'Mukama waffe Yesu Kristo,' awo nja kutambula naawe ku ekyo. Ekyo kirungi. Nja kuyimirira naawe. Ndowooza osaanye kukulembeza 'Kitaffe, Mwana, ne Mwoyo Mutukuvu' okusooka, olaba, okusobola okukifuna obulungi." Ne ŋŋamba nti, "Ndowooza ky'osaanye okukola."

Naye n'agamba nti, "Ha, nedda, nedda! Ekyo, awo mba nzizeeyo mu ky'abaperesoona abasatu."

Ne ŋŋamba nti, "Si baperesoona basatu. Wabula kiri Katonda omu mu wofiisi ssatu."

257 Si baperesoona basatu, Bakatonda basatu. Tetulina Bakatonda basatu. Tetubalina. Teriiyo kintu kifaanana nga ekyo. Tekiyigirizibwangako mu Bayibuli. Era waliwo Katonda omu. "Wulira ggwe, Ai Isiraeli, Nze Mukama Katonda wo." Katonda omu! Etteeka erisooka, "Tobanga ne bakatonda abalala Wendi." Ddala ddala, Ye Katonda omu, si basatu.

258 Eyo ntaputa ya Kikatuliki; era bwe yava awo, yatandikira mu Bukatuliki ne yeeyongerayo n'etuuka mu Baluzalaani, neyeeyongerayo, bwetyo, era abantu abasinga obungi leero ye nzikiriza gye balina mbu tulina Bakatonda basatu.

259 Era awo w'otaliyinza n'akamu. . . Enjiri eno terigenda eri Bayudaaya. . . Era ekyo, nnakiragulako ku makya ga luli eri omuminsani Omuyudaaya. OMuyudaaya toliyinza kumuwa Katonda wa baperesoona basatu. Tolikisobola. Kubanga, ekyo si ky'ali; alinamu akategeera akasingako awo. Olaba, Bayibuli agimanyi bulungi okusingako awo. Era tabeerangako Katonda alimu abasatu, eri—eri Omuyudaaya. Ssinga osobola okumutegeeza nti Ye Yakuwa y'omu, ekyo ajja kukikkiririzaawo mbagirawo. Ddala! Ky'ekyo, mulaba.

260 Era bino byonna mbikkiriza. Nga Yusufu bwe yagamba nti, "Baganda bange, temwenyiigira mwekka na mwekka, kubanga Katonda kino ye yakikola," mulaba. Eki—ekintu ekyo eki. . . Kisobole okulinda okutuusa mu kiseera kino, kye kyokka, kubanga omulembe gwaffe Ab'amawanga gusemberedde okuggwaako. Kati, ekyo nkikkiriza n'omutima gwaffe gwonna. Kale mulaba, baganda bange? Waliwo kye ngezaako okuggyayo, nti, ekibinja kino eky'abantu, eky'abasajja abalina Omwoyo Omutukuvu.

261 Ekibinja kya Aimee McPherson, kiki kye yakola? Nzikiriza, yasooka kuba wa Oneness; ate n'avaayo n'afuuka owa Assembly; ate nayo n'afulumayo n'agenda yeekolamu ekibiina eky'enjawulo; ate wano si dda nnyo, n'akola akabiina akatono, akantu akatono.

262 Nnali ntudde mu lukuŋŋaana lwa O. L. Jaggers. Kati, ffenna tumanyi O. L. Jaggers. Ki—kitaawe ye yayambako mu kutandikawo Akakiiko Akakulu aka ba Assemblies of God. Kaakati, O. L. musajja wa kitalo. Mubuulizi wa kitalo. Nnammugamba, gye buvuddeko, ne ŋŋamba nti, "Ow'oluganda Jaggers, ssinga nsobola okubuulira nga bw'obuulira, ssandizeemu na kuba na lukuŋŋaana lwa kusabira balwadde." Naye yalina bino eby'omusaayi n'enviinyo, n'ebirala, bwe yali yaakatandika.

263 Munsonyiwe, bwe mba mbalumya, baganda bange, ku ekyo. Si—si. . . Ekyo ssikirinaako mutawaana gwonna. Katonda asobola okuleeta omusaayi, okuleeta enviinyo, oba okuleeta amafuta, kyonna ky'Aba ayagade okuleeta, naye ebyo si bye biggyawo ebibi. Nedda, ssebo. Nedda, ssebo. Nedda, n'akatono.

"Omusaayi gwa Yesu teguliggwaamu maanyi Gaagwo, okutuusa nga Ekkanisa ya Katonda yonna ennunule erokoleddwa, obutaddamu kwonoona nate."

264 Ne ŋŋamba nti, "Ow'oluganda Jaggers?" Ne mmutwaala; ne mmukubira essimu. Nnali n'Abasajja Abasuubuzi Abakristayo. Ne ŋŋamba, ne ŋŋamba nti, "Ow'oluganda O. L.?"

265 N'agamba nti, "Oli ludda wa bannange?" Nnali nsula mu ka wooteeri ka bbeeyi ya wansi nnyo eyo. Ko ye n'agamba nti, "Ky'ogezaako okuŋŋamba nti eyo gye baakutadde?"

266 Ne ŋŋamba nti, "Nze nnayagadde. Bwe nnajja gy'oli," ne ŋŋamba nti, "kiki kye wakola? Wanteeka eri mu Woteeri ya Statler, nga nnina kwesimba bwesimbi mu nsonda. Ne bantuuza ku mmeeza; nga ssimanyi na kambe ki ak'okuliisa emmere, oba ekirala kyonna. Era ssa . . . Nnagenda, ssambadde na kkooti, baali baagala na kungobera bweru." Ne ŋŋamba nti, "Ssi—ssimanyi ngeri ya kweyisaamu."

N'agamba nti, "Leka nkutwaleyo, bwe baba nga baavu nnyo tebasobola kukikola."

267 Ne ŋŋamba nti, "Nedda, ssebo." Ne ŋŋamba nti, "Kye njagala okukola kwe kutuula naawe tulye ku nnyama y'akabebenu, ate nga ggwe agisasulira."

N'agamba nti, "Kale."

268 Bwetutyo ne tugenda mu kifo, ne tutuula. Ne ŋŋamba nti, "Ow'oluganda Jaggers, mu butuufu nneegomba . . . "

269 Ate nno mukwano gwange ddala, waaluganda omwagalwa. Kati nna—nnalina akatabo ke akatono, nga . . . mwe yayogerera ku mukazi oli eyali yaakava emitala w'amayanja, eyalina omusaayi mu bibatu bye, n'ebirala. Kale nnali nkalina. Nnali njagala abyegaane bwegaanyi omulundi gumu gwokka, ate nga nze nnali mbirina mu ka—katabo ke, omanyi.

270 Ne ŋŋamba nti, "Nnakitegeddeko nti waliwo gy'ogenda, gy'olina, gy'ogenda okukuba enkuŋŋaana ennene ezigenda okutandika." Kubanga, Abasajja Abasuubuzi be bantwalayo, nga bwe mumanyi.

271 Kirabika nga abantu abasaanidde okumanya. Omwoyo Omutukuvu bw'aba asobola okubikkula ebintu ku kituuti, kati tasobola kumbuulira kiba kigenda mu maaso mu bifo eby'enjawulo, ab'oluganda?

272 Nsobola okubabuulira, kigambo ku kigambo, ne mbikakasa nga nkozsea Ow'oluganda Carlson, n'ow'oluganda ono *wano*. Nnatudde mu lukuŋŋaana, eggulo, ne ŋŋamba ab'oluganda bano ebinaabaawo enkya ya leero. Ekyo kituufu. Ddala. Mulaba? Kubanga, Omwoyo Omutukuvu yanzuukusizza, n'agamba nti, "Yimirira awali eddirisa." Ne ntunula, okuyita mu ddirisa, n'Andagira ddala *kino*. Ne ŋŋamba nti, "Kaakati, ab'oluganda . . . " [Ow'oluganda agamba nti, "Ago ge mazima."—

Omuk.] Kino nnakibalaze, ddala ddala nga bwe kiri. Awo! Mulaba?

Kale, basaanidde okukimanya.

273 Wano ssi dda nnyo, omusajja yasituka wano, wano e Chautauqua, n'agamba nti, "Ow'oluganda Branham nnabbi." Nze sseeyita nnabbi. Mulaba? Naye n'agamba nti, "Ow'oluganda Branham nnabbi bw'abeera mu Mwoyo w'okulaba ebiri mu buziba bw'emitima, naye," n'agamba, "ha, Enjigiriza ye ya butwa bwennyini. Mugyegendereze." Ne nneewuunya engeri, omuntu eyasoma, gy'ayinza okwogera ekintu nga ekyo?

274 *Nnabbi* kitegeeza ki? "Ye mutaputa w'Ekigambo ava eri Katonda." "Ekigambo kya Mukama kyajjanga eri nnabbi," mulaba. Naye, ekyo kyokka, ekyo tekitegeeza kuwulira buwulizi na kwogera.

275 Naye, kale, ka tudde ku by'Ow'oluganda Jaggers. Kati ne ŋŋamba, n'agamba, ha . . . ne ŋŋamba nti, "Nnalabye ku bikwata ku mukyala oli alina omusaayi mu kibatu kye."

276 "O," n'agamba nti, "Ow'oluganda Branham, ekyo kye kyewuunyo ekisinga mu bye wali olabye!"

277 Ne ŋŋamba nti, "Ow'oluganda Jaggers, nkwagala. Ekisooka, njagala nteeke omukono gwange mu gugwo. Leka tugambe nti tuli baaluganda."

N'agamba nti, "Ddala. Mutawaana ki?"

278 Ne ŋŋamba nti, "Ggwe omu ku babuulizi abasinga okuba ab'amaanyi be mmanyi. Nga—nga oli kikozesebwa kya Katonda eky'amaanyi!"

279 N'agamba nti, "Weebale, Ow'oluganda Branham. Ddala oli mwetowaze."

280 Ne ŋŋamba nti, "Ekyo ssikyogera lwa kuba mwetowaze. Nkyogera kuba nkikkiriza. Oli muddu wa Katonda." Awo ne ŋŋamba nti, "Ow'oluganda Jaggers, okuggyako nga o . . . O—ovudde nnyo ku mulamwa; tokyalinamu kasooka kwekaanya by'oyogerako. Weesigamizza . . . "

281 Ate guno gwe mutawaana gwe mulina abasinga obungi ku mmwe aba Assemblies of God, n'abasajja abalala, ku by'enkuŋŋaana zino ez'okuwonyezebwa. Ssibanenya. Waliwo bingi bye bayita . . . Ne Tommy, ono, waaluganda mulungi, era tumanyi nga bw'ali omunywevu. Naye waliwo bingi nnyo mu ggwanga ensangi zino ebyerimbise mu linnya ly'okuwonyezebwa kw'Obwakatonda, ky'ova olaba owulira nga toyagala na kusasulira lukuŋŋaana lwonna mu kibuga. Bajja ne banyuunyunta abantu, ne bagenda. Naye nga abantu bafunye ki? Abantu nga tebabawaddde kisinga ku ky'okola ku kituuti, ku kituuti kyo kyennyini. Era muli batuufu, ab'oluganda. Mbabuulira, muli batuufu. Wabula kifaananako nga . . .

282 Nnali nsoma ebyafaayo bya Martin Luther. Nga bigamba nti, "Tekyali kyama nti Martin Luther yasobola okuwakanya ekereziya Katolika, n'asigala nga ayinaayina." Ebyafaayo bye mwali mubisomyeko. "Naye okuba nti Martin Luther yasobola okusigala nga muggufu wa maaso wakati mu mbeera y'obuzoole obwagoberera okudda obuggya kwe, ekyo kye kyali ekyama."

283 Era ebyewuunyo buli lwe bikolebwa, obutali bukomole nga bugoberera, era nga bwe kyali e Misiri. Era bulijjo kireese emitawaana mingi mu ggwanga. Ekyo tukimanya, bwe tugenda ebweru eyo. Ekyo, kye kyayimusa Koola, era Katonda yalina okukizikiriza. Wabula, ab'oluganda, ssibanenya.

284 Ow'oluganda Jaggers yatuula awo n'agezaako okumbuulira nti Omwoyo Omutukuvu ekyo ye yali akikola. N'agamba . . . Ate nga nnali mbirina, mu katabo ke ak'amawulire . . . Ne ŋŋamba nti, "Ow'oluganda Jaggers, kati," ne ŋŋamba, "Nze nnakoma mu kya musanvu. Ate ggwe olina ddiguli y'obwa Dokita mu by'Eddiini, wasomerera n'okuba munnamateeka. Wakuzibwa mu kkanisa, ennongoofu era ey'empisa, eya Assemblies of God. Kitaawo yayamba mu kutandikawo enzikiriza eyo. Kati ggwe eky'okugyawukanako, ekyo kiri gy'oli." Naye ne ŋŋamba nti, "Ekyo kiri eri buli muntu yenna, bw'aba ayagadde okukikola. Wano tewali nsalosalo ze nteekawo. Naye bwe kituuka mu kifo nga ekibya ekiringa ggwe, ekyandikyusizza emmeeme nkumi na nkumi eri Kristo, kyokka n'ozimba obuweereza bwo ku kintu ekitaliiko musingi kwe kyesigamizibwa." Ne ŋŋamba nti, "Ow'oluganda Jaggers, bw'ositula empagi *bw'etyo*, bw'otaba na buzito bwa kugiwanirira, wajja kuyita ekiseera egwe. Ate oteekwa okuba n'Ebyawandiikibwa kwe weesigamya ebyo by'oyogerako."

N'agamba nti, "Ebyawandiikibwa weebiri."

Ne nngamba nti, "Bireete."

285 N'agamba nti, "Kale, Ow'oluganda Branham," n'agamba, "Omwoyo Omutukuvu ebyo y'abikola."

286 Ne ŋŋamba nti, "Ndaga Ekyawandiikibwa we kigambira nti, Omwoyo Omutukuvu yali akulukusizza omusaayi okuva mu muntu, n'ebirala ebiri nga ebyo. Bindage; nga amafuta gava mu bibatu bye. Wagamba mbu, 'Amafuta ago ga kuwonya okw'Obwakatonda.' Era n'ogamba mbu, 'Omusaayi gw'omukazi oli gwali gwa kuba bulokozi eri amawanga.'" Ne ŋŋamba nti, "Ekyo bwe kiba kityo, olwo ate Omusaayi gwa Yesu Kristo guba gwa mugaso ki? Gwe gubiggyawo. Era ekintu kyonna ekirwanyisa Omusaayi ogwo, kiba mulabe. Kiba kirwanyisa Gwo." Ne ŋŋamba nti, "Eba efuuse njigiriza ya mulabe wa Kristo."

"Ha," n'agamba nti, "Ow'oluganda Branham, luliba lumu n'okitegeera."

287 Ne ŋŋamba nti, "Ka nsuubire nti ssirikitegeera nga bw'okitegeera. Kati, muganda wange," ne ŋŋamba, "Nkwagala, era oli muganda wange." Era ne ŋŋamba nti, "Ow'oluganda Jaggers, ogenda kwekubiira ku ludda, wayite ekiseera, otuuke okuba nga tokyasobola kukyetakkuluzaako. Komawo mu kkanisa yo, okomewo onyweerere ku Njiri." Era ne ŋŋamba nti, "Leka kukizimbira ku bintu ebitalina musingi kwe byesigamizibwa." Ne ŋŋamba nti, "E . . . "

288 Kaakati waali, mbu bw'akubatiza obeera ofunye Obulamu Obutaggwawo, omanyi mbu, "Buli mulundi gw'obatizibwa, oddayo n'ofuuka muwala muto oba muvubuka muto. Kaakati ekyo kigenda ku . . . mbu (n'okufa) tolifa." Kale, kati, kiri nti, awabidde ddala; atuuse ne ku bino ebirala ebya "vitamiini mbu ezaggyibwa mu Nnyanja Enfu." Okiraba? Naye ky'ekyo ekiddirira, ow'oluganda, kasita otandika okugoberera obuntuntu obwo obutalina musingi kwe bwesigamizibwa.

289 Ate basajja mmwe abali wano abalina amakanisa gano, ne muleka ekintu bwe kityo ne kiyingira mu kibuga, ate, mukimanye nti, ssetaani mukalabakalaba, era ye—yeeripa ku bintu nga ebyo n'asensera. Abikozesa okuleetawo enkaayana. Abantu n'a—n'abaleetera okwekolamu obubondobondo, n'aleeta n'emivuyo mu kkanisa, n'ebintu bwe bityo. Naye nga si bwe kirina okuba.

290 Kaakati, wano. Ne bw'oba mutuufu okwenkana wa, kino kye kintu kye tulemwa era kye tubuusa amaaso, baganda bange. Kati mmaliriza, nga njogera kino. Ne bwe mba mutuufu okwenkana wa, era nga ndi mu Byawandiikibwa okwenkana wa, era nga mmanyi Bayibuli ya Katonda okwenkana wa; bwe mba ssirina Mwoyo wa Katonda, ow'okwagala, mu mutima gwange, eri olulyo lw'abantu lwonna n'eri bonna, awo mba mukyamu okusooka kwa byonna.

291 Kaakati, Pawulo yagamba, mu Bakkolinso Ekisooka 13 nti, "Ne bwe mba n'okumanya, mulaba, nga ntegeera ebyama byonna ebya Katonda, mulaba; mu byonna, ne nnyimirira; naye nga ssirina kwagala, ssirina kyendi. Era ne bwe njogera n'ennimi ez'abantu n'eza bamalayika," nga zeezo z'oyogera eri Katonda, era nga bulijjo zeezo ezitasobola kuvvuunulwa. "Ne bwe njogera mu nnimi, ennimi entuufu ez'abantu n'eza bamalayika, naye nga ssirina kwagala, okwagala, tekirina kye kingasa." Kale ne bwe mmanya ebyama bya Katonda byonna, nga nsobola okubinnyonnyola n'oku—n'okubikwataganya awamu, naye nga ssirina kwagala, kikola kalungi ki? Era bwe . . .

292 Yesu yagamba nti, "Ku kino abantu bonna kwe banaategeerera nti muli bayigirizwa bange, bwe muba ne . . . " nga aba Assemblies balina okwagala eri aba Oneness, n'aba Oneness nga balina okwagala eri aba Assemblies, "bwe muba n'okwagala, buli omu eri munne," oba oli mutuufu

oba mukyamu. Era kasita ekiruubirirwa kiba ekikyamu, ekigendererwa nga kikyamu, manya, awo kitegeeza nti oli mukyamu okusookera ddala. Ekyo si kituufu? Mulaba, "Ne bwe njogera mu nnimi z'abantu n'eza bamalayika, naye ne ssiba na kwagala, mba ssirina kyendi." Kubanga, Katonda kwagala. Ekyo tukimanyi.

293 Ate nzikiririza mu kwogera mu nnimi. Kaakati, waliwo eyagamba nti, "Ow'oluganda Branham takkiririza mu bukakafu obusookerwako." Ekyo njagala nkitereeze gye muli kaakano. Mulaba? Njagala mbabuulire.

294 Nzikiriza nti omuntu bw'asembeza Kristo, aba afunye ekitundu ku Mwoyo Omutukuvu. Kubanga, Yesu yagamba, mu Matayo e—essuula ey'e 12, ey'essuula ey'oku 5 n'abiri mu-. . . olunnyiriri lwa 24, yagamba. Nedda, nzikiriza kiri mu njiri ya Yokaana Omutukuvu 5:24. Yagamba nti, "Oyo awulira Ebigambo Byange, n'akkiriza Oyo eyantuma, alina Obulamu Obutaggwaawo." Kaakati, waliwo Obulamu Obutaggwaawo bwa ngeri emu yokka. "Era talijja mu musango; wabula aba avudde mu kufa okudda mu Bulamu."

295 Kaakati, nzikiriza nti tewali muntu asobola kweyita ku bubwe; Katonda y'alina okumuyita. Era ddala Katonda bw'aba nga ye yamuyita. . . Kati waliwo abantu bangi, be tumanyi, baganda bange, abeekaniikirira nga balowooza nti Katonda ye yabayita, naye obulamu bwabwe mu bbanga ttono. . . kinoonyereze, ojja kukizuula. Naye bwe kiba nga Katonda ye yakuyita, ddala, aba yakuyita, ojja kubaawo, era ojja kusigalawo, mulaba, mukitegeera. Kale nno ssinga. . . Kaakati, eyo si njigiriza ya Kibaputisiti. Ekyo mukimanyi, mulaba.

296 Wabula, ssikkiririza mu bigamba nti okukwata obukwasi mu ngalo kikuweesa obukuumi Obutaggwaawo, n'ebirala nga ebyo. Si—ssibikkiririzaamu ebyo, n'akatono. Bwe baba baagala okubikkiriza, kale, ekyo kiri gye bali. Nsigala ŋŋamba nti bakyali baganda bange.

297 Enkya ya leero, ssinga mbadde wa kusaba bampe ekiwayi kya ppaayi, (ndaba na kati ekiseera ky'ekijjulo kisembedde), nnyinza okwagala eya cherry, ate nga ggwe n'olya apo, naye nga ffembi tulidde ppaayi. Mulaba? Kale ekyo tekikola. . . kasita tuba nga tulya ppaayi.

298 Bwetutyo bwe tukkiriza. Bw'oba oyagala kubeera wa Oneness, beera wa Oneness; bw'oba oyagala kubeera wa Assembly of God, beera wa Assembly of God. Bw'oba oyagala kubeera kyonna ky'oyagala, Mubaputisiti, Mupulesibeteriyani, beera Mukristayo mu kyo. Mulaba?

299 Era—era kyenoonyeze ggwe kennyini, naye temulwanagana. Kubanga, obuntu buno obutonotono, bwonna bukwatagana. Ky'ekyo. Bwonna bukwatagana ne butuuka mu kifo ekyo kye kimu.

300 Era—era ne bwe tukola ki, ne bwe tukola ebyamagero ebyenkana wa obungi, ne tusiguukulula ensozi ezenkana wa obungi, oba kyonna kye tukola, okutuusa nga tutuuse mu mbeera nga tulina okwagala, si okujingirire, wabula nga ddala twagalana. We twagalira buli waaluganda, nga tetutunuulidde kkanisa ki mw'ava, nga tumwagala; nga tetwefuula bwefuuzi abamwagala, kubanga tumanyi nti eyo ndowooza ya kinnaddiini, ey'okugamba nti, "Kitukakatako okukikola." Wabula, nga tukikola, kuba ddala twagalana; era, nga tugumiikirizigana, nga buli omu agumiikiriza munne.

301 Era nzikiriza, mu Bakkolosaayi 3, awo nga ku lw'o 9, awo bwe watyo . . . nnyinza, si—ssi . . . Nnandiba omukyamu ku Kyawawandiikibwa ekyo, wabula Kigamba bwekiti. Bwe tumala okufuuka Abakristayo, tetusaanidde kuba na buggya. Mulaba? Tetusobola kuba na kukkiriza nga ate tugezaako okuwa abamu ebitiibwa n'okugulumiza abalala. Mulaba, tetusobola kukikola; tetusobola kuba na kukkiriza. Katonda gwe tulina okuwa ekitiibwa, mulaba, ne tumussaamu ekitiibwa. Baganda bange mbakkiririzaamu, mazima ddala, okwo kwe kwagala; naye ebitiibwa n'okugulumiza bigenda eri Katonda! Eby'oku . . . Wabula mwekkiririzeemu era mwesiganŋŋane. "Era temulimbagana." Mulaba? "Temuba balimba buli omu eri munne." Enkya ya leero bwe nkugamba nti, "Nkwagala," nteekwa okuba nga ekyo kye ntegeeza. Bwe kitaba kityo, awo mba munnanfuusi. Bwe kiri ddala.

302 Kati, ab'oluganda, ku nsonga eno . . . Kati, Ow'oluganda Tommy, ka nsuubire ssirudde nnyo wano. Nni . . . Ow'oluganda Tommy waliwo ky'ayagala okwogera mu kaseera buseera. Naye kino leka nkyogere, bwe nzija mu makkati gammwe . . .

303 Kino kye nzikiriza. Nzikiriza nti Katonda Kitaffe yasiikiriza omuwala atamanyi musajja ayitibwa Malyamu, n'amutondamu akatoffaali k'Omusaayi akaavaamu Yesu Kristo, nga ye yali Omwana wa Katonda, nga ye yali yeekaalu Katonda mwe yekweeka Mwene, mu mubiri, ne Yeeyoleka mu makkati gaffe. "Katonda yali mu Kristo, nga atabaganya ensi okugizza gy'Ali." Nzikiriza nti akatoffaali k'Omusaayi ako kaayabikira e Kalivaaliyo, olw'okuggyawo ebibi byaffe. Ate gwo Omwoyo ogwava mu Ye ne gukomawo mu Kkanisa, kubanga, Kristo, Omwoyo Omutukuvu; Kristo, nga ye Logos, n'aba nga kati atuula mu ffe, Omwoyo Omutukuvu, okuyita mu kubatizibwa. Nga atufuula . . . Kristo yeegabanyaamu Ye kennyini, nga atuwa buli omu ku ffe Obulamu Bwe, kibeere nti ffe, nga ekibinja ky'abantu, tusobole okuba Ekkanisa ya Katonda. Era ssi dda nnyo . . .

304 Nnavuganga embalaasi. Ekyo mukimanyi. Kitange yavuganga embalaasi, yali mukugu. Nnavuganga embalaasi. Twalundanga amagana mu—mu . . . mu Kiwonvu kya Arapaho, manya ntegeeza ku Mugga oguyitibwa Troublesome, oguli mu

Nsozi ze Arapaho. Ekitongole kya Hereford kye kirundira mu kiwonvu ekyo. Era mu kiwonvu ekyo, abalunzi, ba—balina omuddo mungi nnyo ogubamala okulundiramu. Era eddundiro bwe liba lisobola okukola omuddo omukalu oguweza ttani emu, olwo oba osobola okuliisiza ente yo mu—mu bisaawe ebyo, erudda eri ekyemanga wa Estes Park eyo, era osobola okulundira ente mu bisaa-. . . Eyo gye nsinga okwagala okuyiggira, waggulu eyo munda. Era nnamala omwaka mulamba nga nnundirayo. Ntera n'okugendayo, mu biseera bya Ttoggo n'eby'Ekyeya, bwe mba mpummuddemu nga nsobodde, ne nkuŋŋaanya amagana, kubeerayo bubeezi, kubanga nnyumirwa okuvuga embalaasi. Kati engulu eri yonna n'emmanga mu ddu-. . . mu kiwonvu ekyo, mulimu ekibinja ky'abalunzi abalina olukusa okugendayo, n'okulundirayo ente zaabwe. Era mu biro bya Ttoggo, emirundi mingi, mbayambyengako okukuŋŋaanya awamu ente zaabwe n'okuziyingizaayo.

305 Era kuliko n'olukomera, oluziziyiza okuwaguza okugenda mu mataka g'obwannannyini agaliraanyeewo, nga lutuukira ddala eno emmanga eddundiro gye likoma. Okutuusa . . . Kale omulunzi ayimirira awo n'abala ente ezo bw'ayingira, nga bwe ziyingira. Era nnatuulanga awo, ennaku eziwerera ddala, okumala essaawa n'essaawa, ne ntunuulira eza Mw. Grimes nga ziyitamu, yalina za kika kya Diamond Bar; ezaffe zaali za kika kya Turkey Track; ate bo—bo baalina kika kya Tripod nga ze zidda ku ffe; n'eza Jeffrey, n'endala bwe zityo. Kale bwe nnassanga okugulu, nga bangi ku mmwe bwe mumanyi, ku jjembe ly'entebe okwebagalwa, nga ntudde awo ntunuulira omulunzi oyo nga ayimiridde awo, abala ente zino.

306 Nnina ekintu kimu kye nneetegereza. Teyafangayo nnyo ku linnya ki ery'eggana eryabanga ku nte. Naye waliwo ekintu ekimu kye yanoonyanga, ekyo nga ke kabonero akalaga ekika ky'omusaayi. Ente yalinanga kubeera ya musaayi gwa Hereford oba si ekyo nga tesobola kukkirizibwa kusukka lukomera olwo, naye erinnya ly'eggana tebaalifangako.

307 Era ndowooza bwe kiriba ne mu kusala Omusango. Talitunuulira linnya lya ggana lyaffe, wabula Alitunuulira kabonero ka Musaayi.

308 Nkoze ensobi zange, baganda bange, era nkoze ebintu bingi ebikyamu. Era bwe wabaawo omulundi gwonna mu lugendo luno we nnali ndeese, oba lwe wali owulidde ekintu kye nnali nkonyeeko oba kye nnali njogedde, ne kikwesittaza mu ngeri yonna, oba bwemba nnina kye njogedde enkya ya leero ekyesittazza, nkusaba, nga muganda wange Omukristaayo oba mwannyinaze, nsonyiwa. Ssigenderedde kukikola. Nfukumudde bufukumuzi mutima gwange gye muli, tusobole okumanya.

309 Bwe wabaawo okubatiza kwonna okulina okukolebwa, mmwe baganda bange, mukwekolere, olaba. Ekyo, si—ssikikola.

Ssinga mbadde wa kukikola, bwentyo bwe nnandibatizza, mu ngeri bwetyo. Era omu ku mmwe ekyo asobola okukitwala, mulaba. Kale osobola okuddira omuntu, eyabatizibwa mu Linnya lya Kitaffe, Omwana, n'Omwoyo Omutukuvu, n'abatizibwa, ne mu Linnya lya Mukama waffe Yesu Kristo. Kale bwe ndiba wa kubaako gwe mbatiza . . . naye ekyo ssinnakikola. Mbatiza mu kkanisa yange mwokka, era abo be bantu bokka abaliyo. Era abantu b'omukkanisa yange bwe batyo bwe babatizibwa. Era bw'okebera mu byafaayo, olaba nti eyo ye ngeri ey'edda ey'aba Missionary, enkola y'aba Missionary Baptist ey'edda. Era kati ssinga . . . Ky'ekyo.

310 Nzikiririza mu kuwonyezebwa okw'Obwakatonda. Nzikiririza mu kubatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu. Nzikiririza mu—mu kwogera mu nnimi ez'Omwoyo Omutukuvu. Nzikiririza mu buli kirabo Katonda kye yawa Ekkanisa Ye. Byonna mbikkiririzaamu, kikumi ku kikumi. Naye era nzikiriza . . .

311 Ssikiririza mu kuwonyezebwa kuno okw'ekikwangala kwe tulina ennaku zino. Njagala mbeeko kye nkoonako wano. Eddako waaliwo ow'oluganda . . . Ate si ye muganda wange omwagalwa Tommy Hicks, gwe ntwala okuba omuweereza wa Kristo ow'amazima. Waaliwo omusajja omulala mu kitundu ky'ensi ekirala, era mu nsi eyo y'emu mwalimu e . . . Buli kaseera, yeeyogerangako nga, "Omuwonya wa Katonda nnakinku! Omuwonya nnakinku" omanyi, bwe batyo.

312 Kati nnina ebbaluwa oluvannyuma lw'omusajja ono oku . . . ebbaluwa eyava mu kkanisa y'Abaluuzalani. Era omuwandiisi wange akimanyi tugirina mu fayiro. Ssandyagadde kwogera linnya lya musajja oyo, kubanga si kya Bukristayo. Wadde, nga ssikkiriziganya na ndowooza za musajja oyo naye ekyo tekirina mutawaana n'akatono. Mmwaagala. Muganda wange.

313 Naye tutuuse mu mbeera nga balina okuba n'ekintu ekitalina musingi kwe kyesigamizibwa, oba okukikubira pokopoko, oba ekintu ekirala bwe kityo, mulaba. Ate, ekyo, ekyo si kirungi n'akamu, laba. Ow'oluganda . . . "Okwemanyiiza kw'omubiri kugasa kitono nnyo."

314 Kati omuweereza ono Omuluzalaani n'ayanukula ebbaluwa y'omuweereza o—o—ono. N'agamba nti, "Babuulizi mmwe Abamerika abajja eno," n'agamba nti, "n'okuwonya kwamwe okw'ekikwangala eri buli muntu!"

315 Kati kino kiwulikika nga ekimpaana, naye Katonda amanyi nti ekyo si kye ntegeeza. "Naye," yagamba nti, "o—omwana oli omuto Deborah Stadsklev bwe yafa, omwana oli omuwere, nnyina nga ayimiridde awo ku olwo mu India- . . . mu California, omwana oyo omuwere gye yafiira, nga n'okunnyogoga annyogoze. Nnalaba . . . omwana oyo baamuteeka mu mikono gy'Ow'oluganda Branham, nga ayimiridde awo wennyini

n'amusabira. Omwana n'atandika okukaaba n'asamba; olwamala n'amumuddiza."

316 Yali amanyi n'ebyali mu Mexico. Era nga ebyo, tusobola n'okubyesigamya ku bbaluwa y'ekibiina ky'Abasajja Abakkiriiriza mu Bujjuvu bw'Enjiri. Oteekwa okuba n'ekiwandiiko ekikakasa ekivudde ew'omusawo. Akaana kali akawere ak'e Mexico kaali kafudde ku makya g'olunaku olwo, ku ssaawa ssatu ez'okumakya, era kati nga zino zaali ssaawa ttaano ez'ekiro. Omusawo yali yawandiise ebbaluwa ye. Ow'oluganda Espinoza, bangi ku mmwe ab'oluganda aba Assembly of God gwe mumanyi, ye yakwasibwa ebbaluwa y'omusawo eyo, eraga nti omwana yali yafudde.

317 Ne ndaba okwolesebwa waggulu w'ekibiina ky'abantu, nga Abakatuliki emitwalo ebiri bajja eri Kristo, mu Kibuga Mexico. Ne ŋŋamba nti, "Ekyo temumala gakitwala. Ssimanyi, naye omwana oyo . . . Nnaakalaba okwolesebwa."

318 Billy yaliwo, nga agezaako, wamu n'abakebezi nga amakumi asatu oba ana, naye ne batasobola kuziyiza mukazi oyo kuva mu linyiriri lw'abokusabirwa, nga asitudde omwana oyo. Omukazi yaddukanga n'abayita mu magulu, eno n'eri. Kati, oluvannyuma, ne ntumayo Jack Moore. Ne ŋŋamba nti, "Genda, omusabire."

319 Okutunula erudda wano, ne ndaba omwana omuwere Omumexico nga amwenya. Ne ŋŋamba nti, "Lindako katono. Mumuleete wano." Mulaba? Era olwateeka emikono gyange ku ka bulangiti ako . . . Enkuba yali esiibye efukumuka, olunaku lwonna. Era baali bayimiridde awo okuva ku makya ennyo, kyokka mu kaseera ako zaali ziweze nga ssaawa ttaano ez'ekiro. Ne nteeka emikono gyange ku mwana oyo omuwere. N'atandika okusamba n'okukaaba. Ne batandika okuwoggana.

320 Ne, bamutwalayo ne baweebwa n'ebbaluwa. Baagenda ew'omusawo, era omusawo n'agamba nti, "Omwana ono nnamulangiridde nti yafudde, ku ssaawa ssatu ez'enkya ya leero. Yafudde lubyamira." Mulaba? Kale nno ebintu ebyo bi—bi—bituufu. Bikakafu. Biteekwa okuba bityo.

321 Tuteekwa okuba abeesimbu era ab'amazima mu buli kintu. Tokifuula kya . . . Kireke kibe nga bwe kiri. Kireke ki . . . Katonda teyeetaga kuyambibwako mu ngeri yonna. Okiraba, Ye—Ye—Ye Katonda.

322 Kati mu kino n'agamba nti, "Naye maama ono bwe yakubira Ow'oluganda Branham essimu mu Amerika, nga amukaabira ku ssimu nti, 'Jangu eno ozuukize omwana wange!' Era Gavumenti ya Amerika . . . "

323 Bba mubuulizi mu Magye. Era mwenna mumanyi Julius, bangi ku mmwe mumumanyi; ye yawandiika akatabo kange akayitibwa, *Nnabbi Bwe Yakyala Mu Afirika.*

324 Kale maama oyo mukazi wattu enzaalwa ya Norway, yakaabira waggulu, ku ntikko y'eddoboozi lye, n'agamba nti, "Ow'oluganda Branham, nnali nnyimiridde awo wennyini omwana oyo omuwere we yazuukirira!" N'agamba nti, "Tukkiriza nti oli muddu wa . . . wa Kristo." N'agamba nti, "Jangu, osse emikono gyo ku mwana wange, naye anaaba mulamu." Yali yaakafa mu ddakiika nga emu oba bbiri, nga afudde lubyamira; yalwalira essaawa nga nnya, oba ttaano.

325 Era abasajja bano baali awo, nga bawoggana nga bwe baleekaana, nga bwe babuukabuuka, nga bagamba nti, "Katonda agenda kumuzuukiza! Katonda agenda kumuzuukiza!" N'agamba . . .

326 Okuyita mu ekyo, kampuni y'ennyonyi eya American Air- . . . manya, si American Airlines. Eggye lya Amerika lyali ligenda kumbuusiza mu nnyonyi edduka ennyo entwaleyo, era enkomyewo, mu lunaku lumu. Mulaba?

327 Naye ne ŋŋamba nti, "Nga ssinnajja, leka nsooke nnoonye kiki Mukama ky'ayagala kikolebwe." Bwentyo ne nsaba, okumala ennaku bbiri. Era omusawo oyo yali mulungi nnyo bambi okueleka omwana oyo abeere awo.

328 Kati, olumu ku makya, ne nsituka ne mba nga atambula okugenda mu kiyungu. Ŋŋenda okulaba, nga erudda wali, wayimiriddewo, Ekitangaala ekyenkana nga ettaala eyo obuwanvu, nga bwe kyetooloola, ne kiŋŋamba nti, "Tokwata ku nsonga eyo. Tokinenya ekyo. Ogwo mukono gwa Mukama."

329 Ne nziruka ne nzirayo ne nkubayo essimu mu nsi eyo, ne nkuba essimu ne ŋŋamba nti, "Ssi—ssisobola kujja."

330 Kati omuweereza ono Omuluzalaani n'agamba nti, "Lwaki temulinda okutuusa nga mufunye okusalawo okutangaavu okw'essimba okuva eri Katonda, nga Ow'oluganda Branham bwe yakola? Awo ne muba nga mumanyi bulungi kye mwogerako."

331 Kaakati, ky'ekyo, ab'oluganda, ssinga tuleka okumala gabuukira nsonga; naye ne tulinda, okutuusa nga tufunye okusalawo, okutangaavu okw'essimba okuva eri Katonda.

332 Na bino byonna, eby'okuwonya abonoonyi abatalina n'akatono ke bamanyi ku Katonda. Nzikiriza nti okuwonyezebwa okw'Obwakatonda kwesigamiziddwa ku nnono, nti osaanidde kusooka kujja eri Katonda, okusooka, n'owaayo omutima gwo gy'Ali, n'onaaza obulamu bwo mu Musaayi gwa Yesu Kristo, olwo Katonda n'atandika okukolagana naawe n'okukuwonya. Nga ow'oluganda ono bye yayogedde, ku by'omukyala gwe yasabira emmanga eri, omutukuvu wa Katonda, mulaba.

333 Mu bulamu bwange, nkoze ensobi nnyingi. Nkoze ebintu bingi ebikyamu. Oba oli awo, bwe nnawangaala ennyo, nja

kukola n'ensobi endala nnyingi. Oba oli awo ezimu ku zo ziribeesittaza mu lugendo lwammwe. Ka nsuubire nti mulinsonyiwa.

334 Nnali nsoma ku Ibulayimu, n'ebyamuteganya. Engeri gye, bannange, ebintu bye yakola; yabuusabuusa Katonda; n'alimba n'okulimba ku bikwata ku mukyala we; na buli kimu. Naye ebyafaayo by'obulamu bwe Ebitukuvu bwe byali biwandiikibwa mu Baruumi 4, tebyayogera ku nsobi ze, wabula byagamba nti, "Ibulayimu teyasagaasagana" mu butakkiriza . . . okuyita mu Katonda, "wabula yanyweera." Ensobi ze zonna zeerabirwa, ebyafaayo by'obulamu bwe Ebitukuvu bwe byali biwandiikibwa. Ebyamuteganya tebyayogerwanako. Ensobi ze tezaakonwanako.

335 Kale, baganda bange, nnange nsuubira nti, ebyafaayo by'obulamu bwange bwe birisomwa ku Lunaku luli, n'ezange nazo, Alizisangulawo, era talizirowoozaako ku olwo. Ka nsuubire nti, nammwe mukola kye kimu. Katonda abawe omukisa.

336 [Dokita Tommy Hicks ayogera ebigambo bino wammanga—Omuk.]

[Ndowooza nti enkya ya leero tusobola okugamba mu kuwumbawumba byonna ebyogeddwa mu bigambo bino nti: Kristo ali mu nze lye ssuubi ery'ekitiibwa. Byatule, mwattu. Kristo ali mu nze lye ssuubi ery'ekitiibwa.]

[Mu bulamu bwa buli muntu mulimu ebyangu n'ebizibu n'obusozi. (Ssigenda kubuulira.) Nnina bubeezi bubaka. Nzikiriza nti buli Mukristayo a . . . ? . . . Yesu . . . ? . . . Omutima gwange gusiikuddwa enkya ya leero, era nzikiriza nti bangi ku ffe ebintu ebitutawaanya . . . ? . . . bitufuula abasajja n'abakazi abasingako obulungi mu Katonda.]

[Babe Ruth yacaaka nnyo nga Kabaka w'okufuna obugoba nga akuba akapiira oluvannyuma ne yetooloola n'amalayo mu muzannyo gwa baseball. Naye mwali mukitegedde nti Babe Ruth era yali Kabaka w'okufuna obugoba nga akasuka akapiira k'omuzannyo gwa baseball n'awandula banne? Enfunda nnyingi yafuna obugoba bungi nnyo nga akasuka akapiira n'awandula banne n'okusinga bwe yafuna nga yetooloola n'amalayo. Yawandula banne enfunda 1,330; nga ate yeetooloola n'amalayo emirundi 860 gyokka. Naye buli Babe Ruth lwe yafunanga akagoba olw'okukasuka akapiira n'abaako gw'awandudde, yaddangayo ku nnamba ye awo ddiifiri we yawogganiranga nti, "Gwe owanduse," yaddangayo mangu mu kifo kye n'asiita ebibatu bye n'atoola ekiggo kye n'akitunuza eri olukomera, n'agamba nti, "Bambi nsaasira omubasi w'akapiira oyo."]

[Tewali kikyamu mu kuwandulwa, naye jjukira kimu: toola ekiggo . . . ? . . . kubanga Kristo ali mu nze lye ssuubi

ery'ekitiibwa. Muddeemu mukyatule nti: Kristo mu nze lye ssuubi ery'ekitiibwa. Ye buli kimu.]

Weewaawo.

[Ye buli kintu.]

Ky'ekyo.

[Ye buli kintu.]

Buli kintu. Amiina.

[Aleruuya. Okuwakana n'okulwanagana tebirigonjoola nsonga. Tusemberedde nnyo . . .]

Amiina.

[. . . ku ludda luli. Tutuuse w'otakyayinza kudda mabega. Mirundi emeka gye mpulidde nga omugoba w'ennyonyi ayanukula ku nnyonyi nti: "Kati tutuuse we tutakyayinza kudda nnyuma."]

[Ssi dda nnyo lwe nnawulira eddoboozi eriva mu nsi endala eryayogera nange nti, "Mutabani, otuuse w'otakyayinza kudda nnyuma." Ekyo kitegeeeza nti nsemberedde nnyo gye ndaga okusinga eri gye nnava.]

[Muzibirize amaaso gammwe, bambi; mukoteke emitwe gyammwe.]

[Kitaffe Ow'omuggulu, enkya ya leero, nga tusiima nnyo era tujjudde essanyu okuba nti tusobola okwogera okuviira ddala ku ntobo y'emitima gyaffe n'entobo y'emmeeme zaffe nti, "Kristo mu nze—Kristo ali mu nze, lye ssuubi ery'ekitiibwa." Ayi, Yesu, teeka emikono Gyo egy'okwagala ku buli musajja na buli mukazi, era leka okwolesebwa kwaffe n'okulengera kwaffe mu maaso kulengerere waggulu—waggulu, waggulu nnyo, waggulu nnyo okusukka ebintu by'ensi eno, tusobole okulaba Kristo, n'abalala basobole okulaba Kristo mu ffe. Teeka omukono Gwo ku buli omu ku baddu Bo bano . . .]

Kituwe, Mukama.

[. . . tusobole, nga bwe tufuluma ekifo kino enkya ya leero tumalirire obutalaba kirala kyonna wabula Kristo yekka . . .]

Amiina.

[. . . nga buli omu asembeza munne. Tumanyi nti omulimu—waliwo omulimu munene ogukyasigalidde okukola, Yesu; waliwo amakungula ag'amaanyi agalinze okukungulwa.]

Weewaawo, Mukama.

[O, tuyambe, Mukama . . .]

Weewaawo, Mukama.

[. . . tukwasize wamu . . .]

Kituwe, Mukama.

[. . . nga bwe tubuna yonna awali amakungula . . .]

Weewaawo, Mukama.

[. . . okuleeta abaabula n'abali mu kufa nga obudde tebunnayita.]

Weewaawo, Mukama.

[Njagala oyimuse omukono gwo otendereze erinnya lya Mukama waffe Yesu Kristo.]

[Tusobola okuyimirirako, bambi. Njagala muyimuse emikono gyammwe muyimbire wamu nange nti "Mmwagala." Mumwagala . . .]

Amiina.

[. . . enkya ya leero? Omwagala n'omutima gwo gwonna? Muwanike emikono gyammwe muluyimbe, mwenna wamu nti, "Mmwagala."]

[Mmwagala, Mmwagala,]
[Kubanga Ye yasooka okunjagala,]
[N'asasulira obulokozi bwange]
[Ku muti gwe Kalivaaliyo.]

[Muyinza okulumuumuunya . . .]

[Mumanyi, baweereza bannange, mu Argentina twalina abantu abasukka mu 400,000 mu lukuŋŋaana lumu; buli kiseera tubadde tulaba abantu tutyo. Era nzijukira olw'eggulo olumu, lwe twalina abantu abasukka mu 400,000 bwe abaali bayimba mu Lusipeyini, ne mbasaba balumuumuunye, nga wabweru eriyo abantu abasukka mu 300,000. Ne tusaba abali munda basirike olwo nno abali ebweru bamuumuunye ebigambo by'oluyimba olwo. Awo amangu ago, bwe baali baluyimba, ne wabaawo ekintu ekyajjuza munda mu mmeeme yange. Nnali ssimanyangako mu bulamu bwange okubikkulirwa kwa Kristo okwali mu nze okutuusa lwe nnawulira okuwuuma kw'eddoboozi ly'abantu 300,000 wabweru nga balumuumuunya nti "Mmwagala" wabweru . . .? . . . enkya ya leero waliwo eggye ekkulu erya Kabaka ow'ekitiibwa, era bayimba. Ani gwe baagala? Ani gwe mwagala?]

Weewaawo.

[Kristo, Kristo mu nze.]

Weewaawo.

[Essuubi ly'ekitiibwa. Zibiriza amaaso go, owanike emikono gyo, oddemu oluyimbe, buli omu.]

Weewaawo Mukama.

[Mmwagala, Mmwagala,]
[Kubanga Ye yasooka okunjagala,]
[N'asasulira obulokozi bwange]
[Ku muti gwe Kalivaaliyo.]

[Bw'oba omwagala enkya ya leero, ddira emikono gyo ogiwambaatize abasajja basatu oba bana ab'enjawulo; nammwe abakyala mukole bwe mutyo; ogambe nti, "Njagala Mukama waffe Yesu Kristo." Ky'ekyo; wambaatira . . .—Omuk.]

337 Kino ne mmala nkiraba nga kigenda mu maaso mu nsi yonna, ŋŋamba bugambi nti, "Mukama, kaakano leka omuddu Wo agende mirembe!"

Okunnyonnyola Obulamba Bwa Katonda LUG61-0425B
(The Godhead Explained)

Obubaka buno obwabuulirwa Ow'oluganda William Marrion Branham, bwabuulirwa mu Lungereza ku Lwakubiri ku makya, nga 25 Apuli, 1961, mu Holiday Inn mu Chicago, Illinois, mu Amerika, buggyiddwa ku lutambi olwa kkaseti ne bukubibwa mu Lungereza nga tebukyusiddwamu. Buno obuvvuunuddwa mu Luganda bwakubibwa era ne busaasaanyizibwa aba Voice Of God Recordings.

LUGANDA

©2021 VGR, ALL RIGHTS RESERVED

Voice Of God Recordings
P.O. Box 950, Jeffersonville, Indiana 47131 U.S.A.
www.branham.org

Ekirango ky'obwannanyini

Obwannanyini bwonna bwesigaliziddwa. Ekitabo kino kisobola okukubibwa mu kyapa ku kyuma ekikuba empapula eky'awaka nga eky'omuntu okwesomera ku bubwe oba nga eky'okugaba, ku bwereere, nga ekikozesebwa eky'okubunyisa Enjiri ya Yesu Kristo. Ekitabo kino tekikkirizibwa kutundibwa, kukubibwa mu bungi, kuwanikibwa ku mutimbagano gw'ensi yonna, kuterekebwa mu ngeri yonna etali ya kyapa, kuvvuunulwa mu nnimi ndala, oba okukozesebwa okusaba ssente awatali kufuna lukusa mu buwandiike okuva mu Voice Of God Recordings®.

Okumanya ebisingawo oba ebintu ebirala bye tulina, tukusaba otuukirire:

VOICE OF GOD RECORDINGS
P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.
www.branham.org